# EBIBUUZO N'OKUDDIBWAMU KWABYO

Ssimanyi wa wennyini. Eyakiwandiise a—ayinza, oba oli awo, kyandimwetaagisa okuddamu n'akiwandiika. Kye yawandiise kigamba nti, "Isaaya 4:24." Kati, Isaaya 4 erina ennyiriri mukaaga zokka, kale si. . .ate simanyi oba wabadde otegeeza Isaaya 5:24. Ekibuuzo kyo kigamba nti, "Ekyawandiikibwa kino kitegeeza ki, era kirituukirira ddi, Isaaya 4:24?" Naye Isaaya 4 erina ennyiriri mukaaga. Bw'oba osobola. . .Yenna eyakiwandiise, kati bw'oba osobola okukijjukira, ob'olyawo, n'oddamu n'okiwandiika, nsobola okukyanukula, okiraba. Nnemeddwa okutegeera ekyawandiikibwa kyennyini kye wabadde oyogerako bwe wabuuzizza nti, "Isaaya 4:24, Ekyawandiikibwa ekyo kitegeeza ki era kirituukirira ddi?'"

2 Kati, ssigenda kubalwisaawo nnyo. Nnina. . .kale, weebale, ow'oluganda. Kati nnina—nnina ebifo ebitali bimu gye nnina okugenda, era kino. . .Omanyi, nabadde ndowooza, nabadde n'ekyawandiikibwa wano, manyanga, munsonyiweko, nafunye ebbaluwa okuva ewa Mw. Baxter. Era nga tetunnatandika lukuŋŋaana enkya ya leero, ku bibuuzo bino, na—nnandyagadde musabe nange o—okumala akaseera.

3 Mba—mbadde nnalekera awo okuweereza n'ebigendererwa ebirungi ennyo ddala eby'okugenda mu—mu buweereza bwange emitala w'amayanja, mu nnaku ntono eziddako. Naye kati nafunye ebbaluwa okuva ewa Ow'oluganda Baxter, Ow'oluganda Cox yaginsomedde ku ssimu jjo ekiro n'agimpa ku makya ga leero, nga egamba nti n'era, bagezaako okuddamu okuzongezaayo. Kati simanyi—simanyi oba oyo Ssetaani y'agezaako okunziyiza oba Katonda y'ayagala nninde ekiseera ekituufu. Si—simanyi. Baagala kuzongezaayokko mu maaso, ate nga bazze bazongezaayo okuva mu Okitobba. Okitobba, Nnovemba, Ddesemba, Janwali, kyenkana kati giri emyezi ena gye bazze bazongezaayo.

4 Naye kati okwolesebwa kwo kwajja, kuukuno wano kuwandiikiddwa mu Bayibuli okw'ebyo byennyini ebiribaawo; naye oba biribaawo ddi, nange simanyi. Kati, nzize ntegeeza abantu (mu mutima omulungi) byennyini bye bazzenga baŋŋamba, nga mbagamba beetegeke ekiseera kino kyonna.

5 Naye kati, ndowooza, ob'olyawo abantu balowooza nze ssiri mwesimbu gye bali kubabuulira mazima, "Ha, naye kiki ddala. . .anaafuna ddi. . .Anaagenda ddi?"

6 Naye bwe nfuna ebbaluwa zino ne baŋŋamba nti, “Kati, toyinza kugenda mu kiseera kino, wakyaliwo *kino* ekikyalina okukolebwa, waliwo ne *kino* ekikyalina okukolebwa.” Awo si. . . Mpu—mpulira bubi nnyo, okugenda okusisinkana abantu okukibagamba. Mba simanyi kya kukola. Naye ekintu kimu, kino kyo nja kukikola, nga nammwe mwenna muli wamu nange; ensonga eyo ŋŋenda kugiwaayo eri Katonda, mmugambe nti, “Kati, Mukama, bw’Onaaba otuusizza ekiseera, nze nzuuno.” Mukiraba? Era singa . . .

7 Oluusi amakanisa ge gaba gatannaba kweteekateeka bulungi, ku mulundi guno bya viza oba ekintu ekirala bwe kityo. Omanyi, waliwo ebintu eby’engeri eyo. Ayinza n’okuba Ssetaani nga y’agezaako okukikola. Kale nga bwe tusaba enkya ya leero. . . Na buli mulundi lw’onaaba osaba okuyita mu wiiki yonna, nsa—nsabira era osabe Katonda. . . Bw’aba Ssetaani, amuggye mu kkubo. Mukiraba? Naye bwe kiba—bwe kiba nga ekyo ky’Ayagala kikolebwe, ankwatire wano. Mukiraba? Amanyi bulungi kyennyini eky’okukola. Wandibaawo ekintu ekirala ky’Aggya mu kifo ekimu okukiteeka mu kirala, okulaba nga buli kimu kitambula bulungi. Ssaagala kumukulemberamu. Ha! Ekyo bw’okikola, kiba kibi nnyo. Mukiraba? Kale muli mpu—mpulira ki. . . nti—nti kyandiba. . . Simanyi na kye nnyinza kwogera, kubanga simanyi.

8 Kiringa muganda waffe omwagalwa, George Wright. Bangi ku mmwe mumanyi ku mbeera z’ayitamu, si bwe kiri? Era mukimanyi nti abasawo baamuvaako, ne bagamba nti yalina kufa wiiki nga emu emabega, oba okusingawo, mukiraba, Ow’oluganda George Wright. Nnagendayo okumulaba, era lwe nnaliyo nasaba era ne nsabira ddala mu bwesimbu nga bwe mmanyi nga mmusabira. Bwe nnavaayo ne nkomawo eka ne nsigala nga nneebuuza kiki ekinaddirira. Naye oluvannyuma lw’ennaku ntono, ate, na—nnafuna okwolesebwa ku Mmande ewedde ku makya, era alindiridde. . .

9 Kati, waliwo—waliwo omukazi gwe nnasabira nga mulwadde wa kookolo, naye nnamulaba nga ayimiridde era ya—yali. . . Kati baamusala, ne basanga nga yenna kookolo yamulya n’amumalawo, ne bamala gamutunga ne bamuzzaawo. Mukiraba? Naye agenda kuba mulamu. Ekyo nkimanyi.

10 Naye, kati, ku ky’Ow’oluganda George Wright, okwolesebwa okumukwatako ssaakutegeera bulungi. Nnali nfuluma. . . Okwolesebwa kwe kumu okwo, nnali nfuluma nga nvaayo ne ndaba ekifo kye—kye, ennyumba ye. Era ku ludda olwa kkono olw’ennyumba emiti egyo we giri, o—omuti omusafusafu, era okuva waggulu mu muti ogwo nnalaba ebifunfugu, nga byenkana nga ekikonde kyange, nga biyiringita bigwa wansi. Ne mpulira ne Malayika oyo eyali ayimiridde ku mabbali gange, alina kye yayogera ekyekuusa ku ntaana n’Ow’oluganda George.

11 Kati, ku bibiri okwolesebwa okwo kino kye kwali kutegeeza, kwali kutegeeza nti eyo yali ntaana ya Waaluganda George gye baali basima, oba mu kulaba okwange. . . Kati, kati mujjukire nti, kino siyinza kukyogera. . . era nga bwe nzikiriza nti tulina emizindaalo munda wano, manyanga ebyuma ebikwata amaloboozi, manyanga. Naye kati njagala kitegeerekeke bulungi gye muli, era nga nabo bwe nnakibagamba, nze ndowooza nti kino kye kyali kitegeeza. . .

12 Waaliwo ekibinja ky'abantu emmanga eyo abaali bamusekerera kubanga yakkiriza nti Katonda agenda kumuwonya ate nga omusawo yagamba nti, "Muyi nnyo. Kale, tasobola kulama, mukiraba, omusaayi gwakwata ebitole mu mawuggwe ge, era kati asesema musaayi, n'ebirala bwe bityo." N'agamba nti, "Singa wabaawo akatole akaabikira mu mutima gwe manyanga mu mutwe gwe, ku bibiri ajja kusannyalala oba ajja kufa." Mukiraba? Kati alina emyaka nsanvu mu ebiri, nga yasukka emyaka egyagerekerwa omuntu.

13 Naye nzikiriza nti kino kye kyali kitegeeza, nti ajja kusima entaana z'abamu ku abo abamusekerera, ajja kusima entaana. Era kati, nnali sikimanyi nti musimi wa ntaana, naye ky'akola. Nze, mukiraba, ekyo bwe nnakirowoozaako, ddala asima ntaana, ekyo ky'akola. Era mu kwolesebwa kyalabikanga awaaliwo ekintu ekyekuusa ku ntaana n'okusima entaana, oba—oba ekintu bwe kityo, wamu n'Ow'oluganda George Wright.

14 Kati nsabye Mukama, okumala ebiro nga bina, addemu andage okwolesebwa okwo bw'Aba ayagala. Nnakufuna ku ssaawa awo nga emu oba bbiri lumu ku makya. Kale nzikiriza nti Ajja kukuntangaaza nkutegeere bulungi. Naye nzikiriza n'omutima gwange gwonna. . . Kati, kino kyokka kye nkakasa nti nnali mutuufu bwe ŋŋamba nti ajja kusima entaana z'abamu ku abo abamusekerera, bwe mba nnakitegeera bulungi. Naye sikyekakasa bulungi. Kyali kintu ekyekuusa ku kusima entaana, wamu n'Ow'oluganda George Wright. Ndowooza nti kyali kitegeeza nti ajja kusima entaana y'omu ku abo abaali bamusekerera.

15 Kati, Katonda kwagala, era, ha, tumwagala nnyo ddala n'emitima gyaffe gyonna.

16 Kati, enkya ya leero tetwagala kutwala budde bwammwe bungi nnyo wano nga twanukula ebibuuzo bino. Ŋŋenda kubyanukula mu ngeri esingirayo ddala okusinziira nga bwe mmanyi. Kati, ab'emikwano, nsobola okukola ensobi nnyingi nnyo mu bintu bino. Nange ndi—ndi muntu buntu nga fenna bwe tuli. Era Ow'oluganda Neville, oba omu ku baweereza abalala bano bonna, oba n'abalala, asobolera ddala okubyanukula mu ngeri y'emu nga bwe mbyanukula. Naye, kino nkikola olw'ekigendererwa, eky'okuzuula ekiri mu mitima gy'abantu.

17 Kale bwe mbaako ebibuuzo nga bina oba bitaano bye ndaba nga bibuuza ku kintu kimu, nga ŋŋamba nti, "Uh-oh, wano waliwo ensonga. Awo, mbeera ntegedde obuzibu we buli, bwe wabaawo obubuuzo obutonotono mu kkanisa." Naye kati o—obubuuzo obwo obutonotono leka tubwerabire. Kati ekintu ekikulu ekisinga mu byonna kwe kukuuma ekkanisa nga etambulira wamu mu bumu era mu kwagala kwa Katonda, nga egenda mu maaso, fenna bwe tuba tusobola okukkiriza nti Omusaayi gwa Yesu Kristo gutulongoosa ne gutuggyako buli kibi kyonna n'obutali butuukirivu. Omukazi akuliraanye, oba omusajja akuliraanye, bw'aba takkiriza nti Yesu a—alikomawo mu buliwo n'alabibwaako, leka tumale gakki-. . .tugende bugenzi mu maaso. Weewaawo omuntu oyo tetukkiriziganya ku Byawandiikibwa. Naye leka tukolere wamu ekkanisa egende mu maaso mu bumu, kubanga munda omwo tujja kubaako abantu abalala be tutaasa. Naye ekkanisa bw'etabeera mu bumu, awo mujja—mujja kukosa ekkanisa, mujja kukosa ekigendererwa. Mujja. . .ki. . .ate nga ekyo temulina kukikola. Naye bwe tukkiriziganya ku kintu kimu, nti Omusaayi gwa Yesu Kristo gutulongoosa ne gutuggyako buli kibi kyonna (ate nga ekyo ddala bwe kiri) era ekibi ne kivaawo, kati awo tubeera tusemberedde ddala ekkubo eridda eka, Ow'oluganda Neville. Omusaayi bwe, bwe tubeera nga Omusaay-. . .

18 Nnina muganda wange, tuli baaluganda ba musaayi gwe gumu. Naye, bannange, tetukkiriziganya; uh, n'akatono. Naye, era tusigala, tuli baaluganda.

19 Kati, nabadde ndowooza ku wiiki eno, wiiki ejja, bwe nnaaba sigenze mitala wa mayanja, ob'olyawo. . . Ow'oluganda Cauble yajja, era yali ayagala kutandika nkuŋŋaana mu Louisville, era yali ayagala kukozesa Kizimbe kiri omwaterekebwanga eby'okulwanyisa mwe twategeka olukuŋŋaana olutonotono olw'okusabira abalwadde ekiro kya luli. Era Mukama yakola ebintu eby'ekitalo. Era kati. . . Naye ate nnagenze okukizuula nga ab'oluganda bali okuva mu Del Rio, mu Texas, ab'oluganda abayitibwa ba Jessup, balina olukuŋŋaana mu Louisville era nga mu kifo ekyo omubuulizi waabwe omukulu gy'agenda okubuulirira mu wiiki zino eziddako. Era baagamba nti tebamanyi ddi lw'anaagenda. Ndowooza erinnya lye, ye Charles, y'agenda okubeerayo wiiki eno ejja, era mazima ddala siyinza kwetantala kutandika nkuŋŋaana za kudda buggya nga waliwo enkuŋŋaana bwe zityo ezigenda mu maaso.

20 Era nabo bajja kubeera n'okusabira abalwadde. Era okusabira abalwadde kwa kubeerawo olw'eggulo, olw'eggulo lwa leero. Kale olw'ensonga eyo siyinza kutandika lukuŋŋaana ate—ate nga nabo balina olukuŋŋaana eri, kubanga mmanyi kye kitegeeza okubaako w'oli ate ne. . .Ha, nga bwe mumanyi, okuba nga nnina olukuŋŋaana awantu awamu ate ne wavaayo omuntu

omulala naye n'abaako olukuŋŋaana olulala lw'atandika bw'atyo. Tekirabika bulungi n'akatono, tekiraga kifaananyi kirungi, nga bwe mumanyi. Kale tujja kulindako katono, ob'olyawo Mukama anaatuyamba. Ajja kubaako engeri yonna, gy'atuyambamu, kale leka tukkirize era tugumiikirize era tubeere beesigwa eri Katonda.

Kaakano leka tusabe:

21 Kitaffe, ali mu Ggulu, nsaba emikisa Gyo gitukkeko kaakano nga bwe ŋŋenda mu maaso n'okwanukula ebibuuzo bino. Ai Katonda, bi. . . Waliwo ebimu ku byo wano bye sinnaba yadde okutunulako, n'ebibiri oba ebisatu bye—bye nnayisizzaamu amaaso akaseera katono akaakayita. Nkusaba, ayi Kitaffe, onnyambe era ompe amagezi n'okutegeera, njogere ekyo kyokka ekituufu. Kituwe, ayi Kitaffe. Era nsaba Amagezi Go era leka Omwoyo Omutukuvu akke wansi mu kaseera kano kennyini atuwe amagezi ageetaagisa. Tuwe omukisa ffenna wamu olwa leero, ayi Mukama, nga ekibiina kino ekitono eky'abantu b'omu kkuŋŋaaniro lino wano.

22 Wa omukisa muganda waffe omwagalwa, Ow'oluganda Neville, ono wano, ayi Kitaffe, akola nnyo, nga omusumba mu kifo kino mu ddundiro, nga a—agezaako okukulembera endiga okuzitwala eri omuddo omuto ne kanyebwa, oba okuzitwala okunywa amazzi n'oluvannyuma okuzikomyawo mu muti awali ekisiikirize, n'okulabirira abalwadde n'abali mu bwetaavu n'abalema n'abo abakooye nga agezaako okubajjanjaba n'okubakuza, basobole okubeera endiga zennyini. Ai Kitaffe, nkusaba omuwe omukisa. Muwe amagezi n'okumanya awamu n'okutegeera.

23 Era tuyambe fenna kaakano, ayi Kitaffe, naffe tunaakuwa ekitiibwa. Mu Linnya lya Yesu. Amiina.

24 Kati, mu bimu ku bibuuzo bino wano, nja kubiggyayo, nnabisonsese munda omwo awali Ebyawandiikibwa e—ebibyogerako. Era kati tugenda kubaako bye tutandika nabyo, tugende nga tubyanukula okutuusa lwe tunaasobola okwanukula—okwanukula byonna bye tunaasobola okwanukula. Era nzikiriza byonna tusobola okubyanukula, naye ŋŋenda kubeera bulindaala okulaba nti tufuluma nga obudde bukyali.

25 Ekisooka kibuuzo, kibuuzo kirambulukufu kigamba nti:

**8. Nnabatizibwa nga nnina emyaka kkumi n'esatu. Nsaanye okuddamu okubatizibwa?**

26 Kaakati, ekyo ki—ekyo kibuuzo kirungi nnyo okubuuza. Kale, kati, mukwano gwange, ekyo bulijjo nkirekera eri omuntu oyo gwe kikwatako.

27 Mujjukire, simanyi. . . Waliwo ekibuuzo kimu kyokka kye mmanyi eyakiwandiise, kye kino wano eno, era omusajja

yakinkwasizza ye kennyini. Mpozzi waliwo n'omulala eyambuuzizza ekibuuzo emabega wali ky'ayagala nnyanukule, naye teyakiwandiise ku lupapula, era nnamugambye nti, "Bwe nnaaba n'obudde obumala oluvannyuma lwa bino ebiri wano nja kukyanukula."

28 Naye kati kino wano kigambye nti, "Nsaanye oku... Nnali..."

**Nnabatizibwa nga nnina emyaka kkumi n'esatu. Nsaanye okuddamu okubatizibwa?**

29 Bw'oba obadde Mukristaayo ebbanga lino lyonna, okuva ku myaka kkumi n'esatu, nga oli mukkiriza mu Kristo, nja—nja kukugamba kimu nti sigala nga bw'oli. Siyinza kukugamba kukikola kati, Katonda bw'aba yakuwa omukisa n'akuwa n'Omwoyo Omutukuvu okuva mu kiseera ekyo.

30 Kati okubatizibwa ki—ki—kikolwa bukolwa, kikolebwa ku—kulaga bulazi eri ensi (manyanga ekibiina mw'o—mw'obeera mu kiseera ekyo) nti ggwe, mu maaso g'abajulirwa, okakasa nti okkirizza nti Katonda yatuma Omwana We era nti Yafa n'azuukira ku lunaku olw'okusatu, era waziikibwa wamu Naye era kati ozuukidde okutambulira mu bulamu obuggya. Era abantu abo be bamu abaakulaba nga obatizibwa balikusisinkana ku Musango. Mukiraba?

31 Era nga bw'otambula mu lugendo, singa wabaawo omuntu yenna (bwe mutamanyiganye) n'akubuuza nti, "Wabatizibwa?"

32 "Weewaawo, nnabatizibwa ne...mu kufa kwa Mukama wange n'okuziikibwa kwe."

33 Mulabeeyo, ndowooza nti okubatizibwa...Weewaawo, kye ŋŋamba kiri nti kwetaagisa, siyinza kugamba nti tekwetaagisa. Naye kwetaagisiza ddala kubanga ku...buli Kiragiro kya Katonda kyetaagisa. Mmwe mugamba mutya? Kitugwanidde okubatizibwa. Yesu yayogera ekigambo kino mu njiri y'Omutukuvu Matayo, manya mu njiri y'Omutukuvu Makko 16, Yagamba nti, "Mugende mu nsi yonna mubuulire Enjiri, oyo akkiriza n'abatizibwa alirokolebwa." Ne bwe Yali ayogera ne Nikodemo, Yamugamba nti, "Omuntu bw'atazaalibwa mazzi na Mwoyo, taliyinza n'akatono kuyingira." Mukiraba? Ateekwa okubatizibwa. Nzikiririza mu kunnyika, mu kubatizibwa, mu Linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo, n'okuzuukizibwa mu bulamu obupya, okutambulira mu Biragiro bya Katonda.

34 Naye, kati oyinza okumbuuza nti, "Ow'oluganda Bill, olina omuntu yenna gwe wali ozzeemu n'obatiza, eyali yabatizibwa nga akyali mwana muto ate n'addamu n'abatizibwa?" Emirundi mingi.

35 Waliwo—waliwo Ekyawandiikibwa ekiri mu Kubikkulirwa, essuula ey'okubiri, ng'ayogera eri ekkanisa, Yagamba nti, "Weenenye oddeyo okole ebikolwa byo eby'olubereberye." Era

bangi ku bo Ekyawandiikibwa ekyo bakivvuunula okuba nti kitegeeza kino, nti ekyo kitegeeza nti olina okuddayo n'oddamu n'okola ekintu kye kimu. Kati, bwe weetegereza obulungi, mukwano gwange Omukristaayo omwagalwa . . .

36 Kati, sigezaako butakkiriziganya na kino kati, mukiraba, kubanga ebbatirizo twalijjuzza amazzi. Tuli beetegefu okubatiza omuntu yenna abeera yeetaaze okubatizibwa essaawa yonna. Naye tetugezaako butakkiriziganya. Bw'oba oyagala kubatizibwa, ekyo bwe kiba nga kye kyekiise mu kkubo lyo nga owulira wandyagadde okubatizibwa, genda okikole. Tekiriimu kabi konna. Genda okikole. Toganya kintu kyonna kwekiika mu kkubo lyo, tereeza buli kimu kyonna.

37 Kiringa bw'oba—bw'obaako ekintu kyonna kye watwala, emyaka egyayita, nga owulira osaanye okugenda okitereeze, genda okitereeze. Ka kibeere kiki kyonna. Buli kimu kyonna kitereeze. Kubanga ekintu ekyo kijja kubeera nga kikomawo mu birowoozo byo, era tojja kusobola kweyongera mu maaso okutuusa lw'onaakiggya mu kkubo, okiraba. Ky'olina okukola kwe kuteeka ku bbali buli ekizitowa kyonna na buli kintu eky'ekiika mu mu kkubo lyo.

38 Kale bw'oba owulira nga oyagala kuddamu kubatizibwa, genda mu maaso okikole, ekyo ky'ekintu ky'olina okukola. Bangi be nzizeemu ne mbatiza.

39 Naye kati ku kikwata ku Kyawandiikibwa kiri kye mwogerako, ekyo kyali tekyogera ku muntu kinnoomu, ekyo kyali kiragirizibwa eri kkanisa. Mukiraba, ekkanisa, bye baali baakola, baali baaleka okwagala kwabwe okwasooka, mukiraba, ekinyusi kiri ekya nnamaddala kye baalina mu ntandikwa. Kye yava Agigamba nti, "Okuggyako nga weenenyezza n'oddayo n'okola ebikolwa bino eby'olubereberye," n'oddayo n'otandika buto. Yali ayogera eri kkanisa, "Okuggyako nga weenenyezza n'oddayo nate," nti, ekyo bw'etaakikole, ettabaaza Yali agenda kugiggyawo.

40 Naye bw'oba oyagala kubatizibwa, ate nga wabatizibwa ku myaka kkumi n'esatu, oba ku myaka gyonna kwe wabatirizibwa, tewali buzibu, ba—batizibwa bwe kiba kyekiise mu kkubo lyo.

41 Naye kati ekyo okukyanukula nga nsinziira mu Byawandiikibwa okukugamba nti olina okuddamu n'obatizibwa, waliwo engeri emu yokka ey'Ebyawandiikibwa gye nsobola—gye nsobola okulangirira abantu gye baddamu ne babatizibwa. Mu Bayibuli yonna mulimu Ekyawandiikibwa kimu kyokka ekyogera ku bantu nga baddibwamu okubatizibwa, nga abo be baali baabatizibwa Yokaana Omubatiza Omwoyo Omutukuvu bwe yali tannaba kujja. Pawulo, mu Bikolwa by'Abatume 19:5, yabagamba nti baalina okuddamu okubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo, okusobola okufuna Omwoyo Omutukuvu. Mukiraba?

42 Kati—kati, tolina kubeera nti wabatizibwa okufuna Omwoyo Omutukuvu, kubanga osobola okufuna Omwoyo Omutukuvu omutima gwo bwe guba mugolokofu. Mukiraba? Kubanga, mu Bikolwa by'Abatume 2, Peetero yawa enkola eri—erina okugobererwa n'agamba nti "Mwenenye, mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo, munaaweebwa ekirabo nga ye Mwoyo Mutukuvu." Naye ate, mu Bikolwa by'Abatume 10:49, Katonda n'akyuka n'awa Ab'amawanga okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu nga tebannabatizibwa n'akatono. Mukiraba? N'olwekyo, mukiraba, ekikulu y'embeera y'omutima gwo.

43 Peetero kye yava abuuza nti, "Tuyinza okugaana amazzi, bano be tulaba nga baweereddwa Omwoyo Omutukuvu nga bwe twamufuna ku lubereberye?" Mukiraba? Awo n'alyoka a—abalagira nti bateekwa okubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo.

44 Ne Pawulo, mu Bikolwa by'Abatume 19, n'agamba. . . Pawulo, bwe yayitira mu njuyi eziri waggulu wa Efeso, n'abaako abayigirizwa be yasisinkana, n'ababuuza nti, "Mwali mufunye Omwoyo Omutukuvu kasookedde mukkiriza?"

45 Ne bamugamba nti, "Tetumanyi na kumanya. . .tetumanyi na kumanya oba waliwo Omwoyo Omutukuvu yenna."

N'ababuuza nti, "Mwabatizibwa kuyingira mu ki?"

Baali baabatizibwa. Ne bamugamba nti, "Twabatizibwa mu kubatizibwa kwa Yokaana."

46 N'abagamba nti, "Yokaana yabatiza okubatiza okw'okwenenya, nga abagamba nti 'Mukkirize Oyo agenda okujja,' nga ye Mukama waffe Yesu Kristo." Era kino bwe baakiwulira, ne baddamu ne babatizibwa okuyingira mu Linnya lya Yesu Kristo. Mukiraba? Kale kati ekyo. . .

47 Kati, ku kibuuzo kino, kiri. . .Naye bw'oba ogamba nti wabatizibwa mu kubatizibwa okw'Ekikristaayo ku myaka kkumi n'esatu, era nga otambulidde mu bulamu obw'Ekikristaayo ebbanga eryo lyonna, oba bw'oba waddiriramukko emirundi nga giigyo. . .

48 Simanyi oba waliwo eyabuuzizza. . .ku kuddirira, ndowoozezzaamu nti, "Singa wabaawo a. . .akimbuuza." Naye ku kuddirira, jjukira nti, oddirira buli lunaku, ekyo tewali ngeri yonna gy'oyinza kukyewala. Kale. Naye oddirira okusinziira ku bantu ab'oku kkani-. . .naye si mu maaso ga Katonda. Mukiraba? Oddirira n'ova ku Kristo, naye toddirira kuva ku Katonda, kubanga, singa kyali bwe kityo, bwe wandyonoonye, ebibyo awo we byandikomye. Naye ogwa buli kiseera. Pawulo yalina okufa buli lunaku. Si bwe kiri? Yalina okufa buli lunaku, yalina okwenenya buli lunaku, era yalina okubeera nga yeenenya buli kiseera. Mukiraba? Era ekyo Pawulo bw'aba yalina okukikola, kitegeeza, nange kigenda kunneetaagisa okukikola. Ggwe tekiikwetaagise okukikola? Bwe kiri. N'olwekyo tu. . .

49 Naye kati, bw'oba—bw'oba nga bw'oba wanunulibwa era nga owulira nti—nti Omusaayi gwa Yesu Kristo gwakulongoosa ne gukuggyako ekibi, awo nze—nze...era nga otambulidde mu bulamu obw'Ekikristaayo, nze—nze ndaba kyandibadde tekyetaagisa. Naye bw'oba oyagala okukikola, tewali buzibu, kijja kuba kirungi, tunaasanyuka okukikola.

50 Kati kano ke kapapula akampeereddwa omuntu omu emabega wali:

**9. Ekkanisa eriba mu kifo ki Enjiri bw'eriddayo eri Abayudaaya?**

51 Kaakati, kino omuntu eyakibuuzizza, yabadde ajuliza Lukka, e...Ya—yaŋŋambye, muganda waffe, nti yabadde ajuliza Ekyawandiikibwa ekigamba nti, "A—Ab'amawanga balirinnyirira ebisenge bya Yerusaalemi okutuusa ebiro by'Ab'amawanga lwe birituukirira." Ekyo kiri mu Lukka 21:24. Kaakati muwulirize n'obwegendereza kino musobole okukitegeera. Kibuuzo kirungi nnyo! Kirungi nnyo ddala!

> *Naye bwe muliraba Yerusaalemi nga kyetooloddwa* kyonna *eggye, ne mulyoka mutegeera nti okuzikirira kwakyo kunaatera okutuuka.*

52 Kaakati, kino leka tweyongere okukyekkaanya. "Okuzikirizibwa kuliba kunaatera okutuuka bwe muliraba Yerusaalemi nga kyetooloddwa eggye." Kati, ekyo awo kireese okutabulwatabulwa kungi nnyo, nga abantu abali mu...Naye twagala tukyekkaanye nga tusinziira ku byafaayo wamu ne Bayibuli.

53 Kati, ab'oluganda Abaadiventi, ab'oluganda Abaseveniside Abaadiventi, bakkiriza nti—nti Yerusaalemi kiriddamu ne kyetooloolwa amagye. Kale, kati, ekyo kyandiba ekituufu, kubanga Ebyawandiikibwa emirundi mingi bibeera n'amakulu agatali ga mulundi gumu gwokka.

54 Kati ekyo bameka abakimanyi nti Ebyawandiikibwa birina amakulu agatakoma ku mulundi gumu gwokka ku buli bunnabbi? Mazima ddala bwe kiri! Yee, ssebo. Kijja kukyogera era kitegeeze ddala ekyo kyennyini mu kiseera *kino*, ate kikyuke kiddemu ekintu kye kimu erudda *wano* eno awalala. Mukiraba? Nga...Era ŋŋenda kubaako ekimu kye njulizaako bwemba nsobola okukijjukira mangu nnyo ddala. O, weewaawo, waliwo kino ekiri mu Lukka...Mu Matayo 2, kigamba nti, "Awo Yesu n'ayitibwa okuva mu Misiri kiryoke kituukirire ekyayogerwa nnabbi, ng'agamba nti, 'Wange...Nnayita omwana Wange okuva mu Misiri.'"

55 Kati, obunnabbi obwo, obwajulizibwako awo nnabbi bwe yawa, bwali butegeereza ddala *Isiraeri* (eyali omwana wa Katonda) gwe Yayita okuva mu Misiri. Ddala bwe kiri, mu—mu Lubereberye, mu Kuva. Naye kati bwa—bwajulizibwako a—awo, naye era bwaddamu ne bujulizibwako. "Okuva mu..." Isiraeri

yali mwana wa Katonda. Ekyo mukimanyi. Yagamba Falaawo, nti, "Ggwe..." Yamugamba nti "Ggwe—ggwe..." ku ekyo kye yali akoze omwana We, n'amugamba nti Naye ajja kutwala obulamu...Yagaana okuleka omwana We agende, bw'atyo Falaawo...Katonda n'atwala omwana wa Falaawo okuva... ne...manyanga malayika w'okufa ekiro ekyo. N'olwekyo kyalina amakulu ga mirundi egisoba mu gumu.

56 Na bwe kityo, kati, nga Yerusaalemi, okwetooloolwa amagye, naye, mu buliwo, okusinziira ku byafaayo, ekyo kyaliwo mu kiseera nga A.D. 96 Tito bwe yazingiza Yerusaalemi. Naye kati kino mukyetegereze bulungi, musobole okulaba enjawulo eriwo, nzikiriza nti Yerusaalemi kiriddamu nate ne kyetooloolwa amagye mu kiseera eky'enkomerero. Naye nzikiriza nti kino wano kyali kigeraageranyizibwa ku mulundi guli Tito lwe yakizingiza, bwe kyazikirizibwa.

57 Kati, "Okuzikirizibwa," bwe tuba ba kukwogerako... kwaliwo Danyeri, nnabbi bwe..."nga kiyimiridde mu kifo Ekitukuvu." Mwetegereze, yagamba nti, "Bwe muliraba eky'omuzizo ekizikiriza nga kiyimiridde mu kifo Ekitukuvu." Mukiraba, "eky'omuzizo," *eky'omuzizo* kitegeeza "ekitali kirongoofu." "Ekizikiriza," *okuzikiriza* kwe "kuggyawo," kwe "kusaanyaawo." "Bwe muliraba eky'omuzizo ekizikiriza nga kiyimiridde mu kifo Ekitukuvu," okusinziira ku Byawandiikibwa kyatuukirizibwa Tito bwe yazingiza Yerusaalemi, n'atwala...

58 Ku ntandikwa y'essuula eno bwe baali bamubuuza nti, "Ekiseera eky'enkomerero kiribaawo ddi? Era bubonero ki obuliraga okujja kwa...kwa Kristo?" Ne bamubuulira ebikwata ku yeekaalu, nga bwe yali, nga bwe yayooyootebwa obulungi n'amayinja ag'omuwendo n'ebirala.

59 N'abagamba nti, "Ekiseera kirijja lwe watalisigala yadde ejjinja eriri ku linnaalyo, nti yeekaalu eno erisuulibwa wansi." N'atandika okubawa obubonero n'ebyewuunyo. Awo, kati Yesu ng'ayogera, kaakano n'akyuka n'adda mu Danyeri, okutuukiriza, kubanga obunnabbi bwonna buteekwa okukwatagana ne bunnaabwo. Ebyawandiikibwa byonna tebirina we byekutuliramu.

60 Yesu yagamba nti, "Ebyawandiikibwa tebisobola kudiba." Amiina. Kaakati awo...Ŋŋenda mu Ggulu? Mazima, ŋŋenda! Ebyawandiikibwa tebiyinza kudiba. Eri ggwe atakkiririza mu bubonero na byamagero na byewuunyo, Ekyawandiikibwa ekyo oyinza kukisambajja otya? Ebyawandiikibwa tebiyinza kudiba, mu ngeri y'emu nga ne Kristo bw'atasobola (waggulu wano eno), bw'atayinza kusambaggyibwa. Nga omubiri Gwe omukulu oguli waggulu, bwe kityo na buli kutambula kwa mubiri Gwe kwoleka okutambula wansi eno ku nsi, kuteekwa buteekwa okukwolesa. N'olwekyo kitegeeza nti Kristo...bwe

kiba nti kwo . . . okuwonyezebwa okw'Obwakatonda, amaanyi ga Katonda bwe gaggyibwa mu kkanisa ey'obuliwo, manyanga mu kkanisa ey'omwoyo wano ku nsi, gabeera gaggyiddwa mu Kristo. Aba takya . . .

61 Naye, ha, ekyo nga kifaananyi kyennyini ddala ekyoleka Omuzabbibu omutuufu, era nga ffe matabi mu Muzabbibu ogwo. Mukiraba? Omuzabbibu buli lwe gukola nga n'amatabi gakola. Si bwe kiri? Kati ekyo nga kifaananyi ekirungi ennyo eky'omubiri Gwe ogw'ekitalo, oo, emikono gye egy'ekitalo egitiiriika omusaayi n'amaziga agakulukuta, n'embiriizi Ze ezivaamu omusaayi, n'omugongo Gwe ogukubiddwa emiggo nga gulengejjera waggulu w'ensi *bwe guti* wakati wa Katonda (Kitaffe) n'abantu abafa ab'ensi eno, nga yeegayirira n'okubaagala nga omubiri Gwe bwe gutambula wamu n'amaanyi, gaweebwa mu Kkanisa.

62 Nga bwe Yagamba nti, "Nja kutambuza emikono gyange ngizze erudda eno," n'omubiri Gwe ogw'obuliwo gutambula. "Mugende wano mubuulire Enjiri," mujja kulaba Ekkanisa eyo nga etambulirawo. Kubanga, ekisiikirize kyange kiteekwa okutambula n'omukono gwange. Amiina. Si bwe kiri? Amiina. O, bannange, ekyo bwe nkirowoozaako! Guugwo, Omubiri Gwe nga gutambula, "Mugende mu nsi yonna, mwolese Amaanyi." Ne bwe tukolera ku njigiriza zaffe ez'eddiini n'enjigiriza n'ebirala bwe bityo, tulemererwa bubi nnyo. Naye kati omukono gwa Katonda gutambula, obubonero n'ebyamagero birabisibwa. Lwaki, bannange!

63 Yesu yagamba, wansi awo bwe Yali agoba dayimooni . . . Kati, ssigezaako kuva ku kibuuzo kino, naye muŋŋumiikirizeemu katono. Naye Yesu yagamba, bwe Yali agoba dayimooni, Yagamba nti, "Abaana bammwe bazigoba ku bw'ani? Oba nga Nze ngoba dayimooni n'engalo ya Katonda, abaana bammwe bo bazigoba ku bw'ani? Bwe muba mulina enkola esinga ku eyo, mugitulage." Mukiraba? "Oba nga Nze nkozesa ngalo ya Katonda . . . " Amiina. Kirowoozeeko, "engalo" ya Katonda. Wuuyo Katonda waggulu wa Kristo; Kristo waggulu w'ekkanisa. Wuuyo Katonda, Kitaffe, abaako ekintu *bwe kiti ne bwe kiti* ky'ayogera; awo Katonda, Omwana, n'atambuza engalo Ye olwo ekisiikirize ne kigigoberera. "Oba nga Nze ngoba dayimooni n'engalo ya Katonda, abaana bammwe bazigoba ku bw'ani?"

64 Mulabeeyo, njagala mwetegereze. O, ssetaani k'akukube endwadde embi okwenkana wa oba k'akukube okunyigirizibwa okwenkana wa, kitwala ngalo Ye yokka okubiggyawo. Ha, bannange! Bannange! Tunuulira ebibegabega ebyo ebinene eby'amaanyi n'emikono n'emifumbi. Naye engalo Ye yokka eggyawo buli ndwadde n'egoba na buli dayimooni. Ka ssetaani nga kantu akatalina kye kali! Akozesa bukozesa ngalo Ye n'akasindiikiriza eri. "Oba nga Nze n'engalo ya Katonda . . . "

65 Kaakati muleke mbalage okwagala kwa Katonda kye kuli. Naye endiga bwe yabula, Teyakozesa ngalo Ye, Yagyetikka ku bibegabega Bye, era Yakozesa Omubiri Gwe gwonna, emikono, okuteeka endiga ku kibegabega Kye. Ekitundu ky'omuntu ekisinga okuba n'amaanyi, ekisinga amaanyi by'ebibegabega bye n'omugongo. Ekyo mukimanyi. Kubanga emifumbi Gye gyonna egy'emikono n'emifumbi giwaga, n'Avumbagira endiga n'agisitula; n'agissa ku kibegabega Kye era wuuno n'Ajja, nga takozesa ngalo Ye, nga bw'akola okugoba, ka ssetaani akatalina kye kali, naye wuuno Ajja n'Ebibye byonna. . . n'emifumbi Gye gyonna egy'omu kigere Kye, n'emifumbi Gye gyonna egy'omu mukono Gwe, n'atambula nga bw'ayitaayita mu ttale, nga yeetisse ku kibegabega Kye endiga eyali ebuze. Ha, bannange! "Oba nga Nze ngoba dayimooni n'engalo ya Katonda, abaana bammwe bagigoba ku bw'ani?" O, aleeruuya! Bannange!

66 Kale, ka tuddeyo ku kye tubadde twogerako:

> Naye mmwe *bwe. . . muliraba Yerusaalemi nga kyetooloddwa eggye, . . .*
>
> *Mu biro ebyo ababanga mu Buyudaaya baddukiranga* mu *nsozi; n'ababanga wakati mu kyo* tebakifulumangamu; *n'ababanga. . . mu byalo. . . bakiyingirangamu.*
>
> *Kubanga ezo* ze ziriba *ennaku e—ez'okuwalana eggwanga, ebyawandiikibwa byonna biryoke bituukirire.*
>
> *Naye ziribasanga abaliba n'embuto n'abayonsa, mu nnaku ezo! kubanga waliba okulaba ennaku ennyingi ku nsi, n'obusungu eri* abantu.
>
> *Balittibwa n'obwogi bw'ekitala, balinyagibwa okutwalibwa mu mawanga gonna: . . .*

67 Mwetegereze engeri Ekyawandiikibwa gye kikirambululamu butereevu. Ekisooka, "N'obwogi bw'ebitala." Ku mulundi guno ogusembayo kiribaawo lwa bbomu nnamuzisa. Mukiraba? Naye ku mulundi guno kyakolebwa bwogi bwa kitala, era Abayudaaya baali ba kunyagibwa batwalibwe mu buwambe mu mawanga gonna. Tekiriddamu kuba bwe kityo, ku mulundi ogusembayo baliba bakuŋŋaanyiziddwa mu Palesitayini. Mukiraba? Kino kyali kyogera ku biro biri ebyayita. Era ky'ekyo kyennyini ekyaliwo okusinziira ku byafaayo, kyatuukirira ddala mu ngeri eyo yennyini.

68 Baatwalibwa mu mawanga gonna. Olwa leero mu buli ggwanga lyonna wansi w'Eggulu, osangayo Abayudaaya. O, buli ggwanga! Bw'ogenda e China, ojja kusangayo Abayudaaya. Bw'ogenda e Russia, ojja kusangayo Abayudaaya. Bw'ogenda mu buzinga obutonotono, ojja kusangayo Abayudaaya. Baasaasaanira mu buli ggwanga! Kitegeeza ki? Bunnabbi

bwa Katonda. Katonda yakigenderera. Era Abayudaaya abo bupande, ow'oluganda. Bw'obalaba . . .

69 Nkimanyi baazibwa amaaso ne bakyamizibwa, ne balimbibwa na byonna ebyabatuukako, naye Katonda yabawuddiisa nze naawe tusobole okulaba. Bwe kiri. Naye leka njogere kino mu mwoyo gw'obunnabbi, okusinziira ku Bayibuli, nti, ekiseera ky'Abayudaaya okudda eka kituuse. Yee, ssebo. Yakakanyaza omutima gwa Hitler, n'abagoba mu Bugirimaani; n'akakanyaza omutima gwa Mussolini, n'abagoba mu Russia. Abagobaganya okuva buli wamu, nga bwe Yakola mu nnaku ziri bwe Yali abafulumya okubaggyayo. Era bwe baayingira mu ddungu eyo nga beetegese okusomoka, kiki ekyaddirira? Katonda yafukumula ku nsi kawumpuli omubi ennyo n'ebintu ebya buli ngeri. Ekintu ky'Agenda okuddamu nga akozesa abaweereza Be ababiri, emizeyituuni ebiri egiri mu Ezekyeri ne mu Kubikkulirwa 11. Obubonero obwo n'ebyewuunyo Ajja kubiddamu.

70 Mulabe abajulirwa abo ababiri abali mu Kubikkulirwa 11, "Nange ndiwa amaanyi abajulirwa Bange, era balisiba eggulu mu nnaku z'okutegeeza kwabwe, oba okusindika ebibonyoobonyo ku nsi nga bwe baagala." Baabo, abajulirwa babiri mu nnaku ez'oluvannyuma.

71 Mmanyi enjigiriza ey'akakyo kano egamba nti "Eyo y'endagaano Enkadde n'Endagaano Empya." Ekyo kikyamu! Ekyo kikyamu!

72 Endagaano ezo ssi be bajulirwa ababiri, abajulirwa abo kwe kudda kwa Musa ne Eriya. Era bwe weetegereza emabega eri, tewali n'omu ku bo . . . Musa, yafa, naye yagenda wa? Yalina okuddamu azuukire. Ate Eriya yawaanyisibwa nga tafudde. Alina okufa, kubanga buli muntu alina okufa, n'olwekyo alina okukomawo. Era abo be bajulirwa ababiri.

73 Kaakati mwekkaanye:

> *Era* balirinnyirira . . . *Balittibwa n'obwogi bw'ekitala,* . . . (olunyiriri olwa 24) . . . *bw'ekitala, bonna balinyagibwa okutwalibwa mu mawanga gonna: ne Yerusaalemi kiririnnyiririrwa Ab'amawanga, okutuusa* . . . (Amiina!) . . . *okutuusa* ebiro *by'Ab'amawanga lwe birituukirira.*

74 Kyewuunyisa, si bwe kiri, okukimanya nti obudde tulina butono? Katonda bw'atyo bwe yayogera! Omulembe gw'Ab'amawanga gwatandikira ku Kabaka Nebukadduneeza. O, nga kyewuunyisa nnyo! Kino nga nnandyagadde okukimalako obudde obuwerera ddala, naye leka nkyongereyo eddakiika entonotono! Naye mulabeeyo, buli omu ayagala ekibuuzo kye. Naye, nga bwe tukyali ku kino, leka tukirowoozeeko, kubanga kikulu nnyo kati, mu *kaseera kano*.

75 Mulabeeyo! Katonda ye yakulemberanga abantu, Abayudaaya. Tebaali ggwanga eryetongodde, baali bantu buntu kyokka. Era tebabangako kkanisa ya ddiini, baali kimu kyokka *ekkanisa* eyayitibwa okufulumayo. Tewabangawo kibiina kya buntu mu Bayudaaya, lubeerera baakulemberwanga Katonda.

76 Naye mu nkola ey'eby'obufuzi, nga eggwanga, baayagala bafuuke. . .babeere ne kabaka. Era Katonda n'abawa kabaka naye tekyakola. Katonda ye Kabaka waabwe. Katonda ye Kabaka waffe, bwe kiri, era Katonda ye Kabaka w'Ekkanisa.

77 Kati, mwetegereze bwe baanyagibwa ne batwalibwa e Babulooni kubanga baagezaako okukopperera amawanga g'ensi. Nga kifaananyi ekirungi ddala ekya leero eky'ekkanisa nga egezaako okwagala okufaanana ensi ebweru eri, n'etwalirizibwa, n'etwalirizibwa obulamu bwabwe—bwabwe bwe batambuliramu. Leero ekkanisa ekolera ddala nga ensi bw'ekola, beejeeguula, beeyisa nga ensi, n'ebirala byonna, naye ne beeyita Ekkanisa. Ekyo tosobola kukikola. Nedda, ssebo. Obulamu bwo bwennyini bukakasa kiki ky'oli.

78 Ky'oli. . .Nga bwe nnagambye mu ntandikwa, ky'oli awantu awamu ky'oyolesa wano. Ekyo ky'oli, omubiri gwo ogw'omu nsi ey'omwoyo manyanga omubiri gwo ogw'oku nsi kye guli waggulu eri, omubiri gwo ogw'omu nsi ey'omwoyo kye guli awantu awamu ky'oyolesa wano. Ky'oli, mu nsi ey'omwoyo, ky'oli ne wano. Mu nsi ey'omwoyo bw'oba okyalina ebirowoozo eby'obuseegu n'ebirala, ne wano olina ebirowoozo eby'obuseegu. Bw'oba okyalina ettima, obuggya, n'okuyomba, nga mu nsi ey'omwoyo okyabirina, kyeyoleka wano. Naye omuntu wo ow'omunda bw'aba yalongoosebwa n'agogolwa, kiraga nti olina omubiri erudda eri (ogulindiridde) ogulongooseddwa ne gugogolwa, era kirabisibwa wano eno mu mubiri ogw'ennyama. Temukiraba? Mukiraba, ky'ekyo. "Ensiisira eno ey'oku nsi bw'eryabizibwa, tulinayo endala etulindiridde." Mukiraba?

79 Kati, mu kiseera kino, ekiseera eky'enkomerero, engeri okuvuganya kuno okw'omubiri, n'okugeegeenya Obukristaayo kwonna kujja kwetabula wamu kufuuke Babulooni emu ennene nga bwe kyali mu kiseera kiri. Era ekyaddirira baawambibwa ne batwalibwa e Babulooni. Si bwe kiri? Naye Bayibuli egamba nti, "Malayika wa Mukama yayita n'agamba nti, 'Mufulume Babulooni, abantu Bange!'"

80 Kutabulwatabulwa! Mbu, "Ndi Mubaputisiti. Ndi Mumesodisiti. Ndi Mupulesibeteriyani," ebyo byonna kutabulwatabulwa kwereeere. Temuli bulokozi n'akatono.

81 Kati, temugamba nti ŋŋambye nti Ababaputisiti tebalina bulokozi, oba Abamesodisiti. Abantu nga bo si be njogerako. Njogera ku kkanisa n'amaanyi gaayo ag'eby'obufuzi, eby'obufuzi byayo. Era bw'oyogera mu ngeri ey'eby'obufuzi, nga bw'oli Omumesodisiti, oba Omubaputisiti,

oba Omupulesibiteriyani, oba Omukatuliki, tebirina kakwate konna na Kyo. Katonda tabimanyi na kubimanya, era biri mu Babulooni olwa leero. Era Katonda ayita Ekkanisa okuva mu bibiina ebyo byonna, nga aggyayo abo abalongoofu mu mutima, okubafuula Ekkanisa Ye. Nga kirungi nnyo!

82 Era mwetegereze, nsobola okubaako ne kye njogera wano ekiyinza okubawuniikiriza, naye bwe—bwe kiba... Kaakati, muwulirize. Mulabe engeri Babulooni...Ebyaliwo ku...e—e Babulooni, abasinza ab'amazima bwe bassibwako okunyigirizibwa. Mujjukire nti, baali ba lubatu bubatu, Saddulaaki, Mesaki, ne Abeduneego, ne Danyeri, ab'oku—ab'oku basinza ab'amazima abaatwalibwa mu buwambe, Katonda bwe yabayita o—okulaga kye baali kyennyini, kye baali. Baawalirizibwa okusinza ekifaananyi. Si bwe kiri? Okusinza ebifaananyi! Baawalirizibwa okusinza ekifaananyi, era baalina okuvunnama mu maaso g'ekifaananyi. Era nga bwe batakikola, baakuyigganyizibwa.

83 O, nga kifaananyi ekirungi ddala ky'osobola okuggya mu kitabo kya Danyeri, n'eky'Okubikkulirwa, n'obikwanaganya wamu n'olaga okusinziira ku Byawandiikibwa nti Ekkanisa ya kuyingira mu kuyigganyizibwa kwe kumu nga Tennayitibwa kutwalibwa. Eyo y'engeri Ekkanisa y'Ab'amawanga gye yayingizibwamu, eyo y'engeri Ekkanisa y'amawanga gy'enaakomekkerezebwa. Nga bwe yatandika era bw'erikomekkerezebwa.

84 Era mulabe enkula y'ekifaananyi kye yalaba. Era kati, mujjukire nti, ekifaananyi...Kati, wano tuli waka. Mulabeeyo, nzikiriza nti ekifaananyi Kabaka Nebukadduneeza kye yakola kyali kya Danyeri, omusajja omutuukuvu. Bw'oba weetegerezza, Kabaka Nebukadduneeza yali yayita Danyeri, yamuyita "Berutesazza" (ekyali ekifaananyi kye kye yasinzanga), bwe yava awo n'akola—n'akola ekifaananyi, era tewali muntu yenna oluvannyuma lwa Danyeri okusuulibwa mu mpuku y'empologoma eno, n'ebirala, n'agamba nti, "Tewali muntu yenna alina kuweereza bakatonda balala, n'ebirala, wabula Katonda wa Danyeri." Kiteekwa okuba nga kyali kifaananyi kya musajja omutukuvu, ekibumbe ekinene, era buli muntu yalina okukivunnamira.

85 Naye Ekkanisa, Saddulaaki, ne Mesaki, ne Abeduneego... Nga Danyeri ye mukulembeze, nga Kristo bw'ali Omukulembeze w'Ekkanisa.

86 Era baalina okuvunnama mu maaso g'ekifaananyi kino basinze ekifaananyi ekyo. Mulabeeyo! Era bwe weetegereza, mu biseera ebyo, Danyeri yali asirise. Amiina! O, kino ka nsuubire mukifuna. Danyeri yali asirise. Nga abalese...baalina okukola okusalawo okwabwe ku bwabwe.

87 Mu kiseera kino. . .mu kukomekkereza kw'omulembe gw'Ab'amawanga, wajja kubaawo ekifaananyi, era buli muntu aliba alina okuvunnamira ekifaananyi kino akisinze. Ka kibeere kitukuvu okwenkana wa, tolina kusinza kifaananyi (okusinza ebifaananyi).

88 Kaakati, mwekkaanye. Ha, bannange! Ku nkomerero wennyini, Danyeri nate n'ajja. Nga kiyitirivu! Ekiro ekyo nga embaga ennene ey'abazaana n'abalala bwe yali tennabaawo, wajja Omukono ogwawandiika ku kisenge nti, "MENE, MENE, TEKEL, UPHARSIN," ku kisenge. Era okuvvuunulwa kwabyo, tewali yali akumanyi, byawandiikibwa mu nnimi ezitamanyiddwa. Tewali yali asobola kubivvuunula.

89 Baagenda ne bafuna abakenkufu baabwe be baalina. Ne bagamba nti, "Tetumanyi."

90 Ne bagenda ne bafuna abalaguzi baabwe bonna n'abalaguzisa emmunyeenye. "Tetumanyi. Tetubitegeera yadde n'akatono. Tetulabanga ku lulimi ng'olwo, tetuwuliranga ku lulimi ng'olwo mu bulamu bwaffe."

91 Naye waaliwo omusajja! Katonda yalina omusajja We, Danyeri yaliyo. N'agamba nti, "Mugende mumuleete," n'agamba nti, "kubanga Omwoyo wa Katonda abeera mu ye."

92 Bw'atyo Danyeri n'ajja, n'atandika okusoma n'okuvvuunula olulimi olwo olwali ku kisenge, n'awa. . .Okuvvuunula kwali kugamba kutya? Kwali tekugamba nti, "O, oweebwe omukisa, Ai kabaka, owangaale emirembe gyonna." Wabula kwamugaanira ddala, awatali kumubiibiita, awatali kumussaamu kitiibwa, kwamugaana kaati nti, "Ogereddwa mu kigera era n'osangibwa nga obulako."

93 Mulabeeyo, eyo y'engeri y'emu. Nga Amaanyi ago agasukkulumye ku butonde bwe gaaleeta obwakabaka bw'Ab'amawanga, bwe gatyo Amaanyi ge gamu agasukkulumye ku butonde bwe gakomekkereza obwakabaka bw'Ab'amawanga buno. Obwakabaka bwayingizibwa Maanyi agasukkulumye ku butonde, era bukomekkereza na Maanyi agasukkulumye ku butonde. Ebisenge bya Yerusaalemi biririnnyiririrwa, biri. . .kiri. . ."Ab'amawanga balikyezza okutuusa ebiro by'Ab'amawanga lwe birituukirira." Oluvannyuma Katonda akyuke addeyo eri Abayudaaya. Amiina! O, bannange!

94 O, ab'emikwano, ekyo singa tubadde tusobola okukisima ne tukigendera ddala mu buziba bwakyo. Mmwe temukayagala? Ne tumala nga wiiki nnamba nga tuli ku nsonga eyo emu, mukiraba, ne tugirondoolera ddala mu Byawandiikibwa.

95 Ekyo, mwetegereze, kaakano muwulirize—muwulirize n'obwegendereza kye Yayogera. "Yerusaalemi kiririnnyiririrwa Ab'amawanga okutuusa ebiro by'Ab'amawanga lwe birituukirira." Okuzingizibwa o—okwakolebwa Tito, n'ajja,

n'awamba Yerusaalemi. Yababuuza nti, "Kati—kati, mwali muwulidde ku ky'omuzizo ekizikiriza?"

"Weewaawo."

"Kati nno, awo Ab'amawanga we baakiyingirira."

Abayigirizwa ne bagamba nti, "Weewaawo, ekyo tukimanyi."

"Kaakano, kati Ab'amawanga babadde ne gavumenti yaabwe."

"Weewaawo."

96 "Yerusaalemi yali wansi wa gavumenti y'Abw'amawanga mu kiseera ekyo?" Yee, ssebo! Abaruumi. Be baali mu gavumenti mu—mu Yerusaalemi. Era eky'omuzizo ekizikiriza Danyeri kye yayogerako kyatandika mu kiseera ekyo.

97 Kati Yagamba nti, "Ekiseera ekyo kaakano kisembedde, kubanga yeekaalu eno bagenda kugimenya bazimbewo omuzigiti gw'Abasiraamu ogw'e Omali, gugenda kuzimbibwa mu kifo kino kye kimu, nga guzimbibwa Abasiraamu, Ab'amawanga. Era gugenda kuyimirira awo."

98 *Munnamawanga* kitegeeza "oyo atakkiriza." Kati, eyo teyali Kkanisa. Oyo yali Munnamawanga, mukiraba, oyo atakkiriza. Kati, era gujja kubeerawo okutuusa ekiseera ky'ebiro by'Ab'amawanga lwe kiriggwaako. Era ekiseera ky'ebiro by'Ab'amawanga bwe kiriba kiweddeko, Omulangira omukulu aliyimirira ku lw'abantu (Oyo nga ye Kristo) mu kiseera eky'enkomerero.

99 "N'ajja eri Oyo," mu Danyeri, "Eyalina enviiri enjeru nga ebyoya by'endiga," nga bwe tumulaba mu Kubikkulirwa 1 awagamba nti, "eri oyo ow'Eddan'edda. Omusango ne gubaawo n'Ebitabo ne byanjuluzibwa. Ebitabo" (bingi) "ne byanjuluzibwa era buli muntu n'asalirwa omusango okuva mu byali mu Bitabo, ebyawandiikibwamu." Mulabeeyo, Ebitabo byayanjuluzibwa, "Yamulaba ng'Ajja, nga obukumi emirundi kakumi bamuweereza." Abatukuvu abajja Naye. Si bwe kiri, mu Danyeri? "Era Ebitabo ne byanjuluzibwa," ekyo kye Kitabo ky'obulamu bwo, "era buli muntu—era buli muntu n'asalirwa omusango, omwonoonyi, n'asalirwa omusango okusinziira ku ebyo. Era Ekitabo ekirala ne kibikkulwa," nga kye kyali Ekitabo ky'Obulamu, "era buli muntu n'asalirwa omusango."

100 Kaakati labayo, bulijjo jjukira, okubibalanga mu *bisatu*. Bw'otokikola, nkukakasa ojja kutabulwatabulwa. Waaliwo ebika by'abantu bisatu abaazaalibwa ku nsi; waaliwo ebika bisatu mu lubereberye; ne ku nkomerero walibaawo ebika bisatu. Kiki . . .

101 Yesu yakomawo n'obukumi emirundi kakumi, nga bamuweereza. Mujjukira we yagamba nti, "Si kintu kitono nnyo mmwe okutwala . . . manyanga si kintu ekitali kya bulijjo mmwe

okutwala ensonga zammwe n'ebizibu byammwe mu mateeka, tetumanyi nti Abatukuvu be balisalira ensi omusango?" Abatukuvu balisalira ensi omusango! Aleruuya! Ekyo bwe nkirowoozaako, bannange! Nga mmulaba Ajja, okuva eyo, nga ali wamu n'abo abaanaazibwa n'Omusaayi, nga okufuga okw'emyaka Olukumi kuwedde, obununuzi wamu n'abanunule ab'emirembe gyonna nga bayimiridde mu Maaso Ge. Omugole eyanaazibwa n'Omusaayi!

102 Si bantu abalungi obulungi, abo mazima ddala okuzuukira okusooka tebalikubeeramu. Bayibuli egamba nti, "N'abafu abalala tebaaba balamu okutuusa emyaka olukumi lwe gyaggwako." Si bwe kiri? Abo be baalina amannya gaabwe nga gaawaandiikibwa mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga naye ne bagaana okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu.

103 Abalonde bokka be bagenda mu kiseera ekyo. Abalonde bokka be babeera mu—mu—mu kufuga okw'emyala Olukumi. O, ow'oluganda, olwo, tusaanye kuba bantu kika ki? Njagala mbeerewo mu kufuga okw'emyaka Olukumi! Leka tuteeke ku bbali buli buzito na buli kibi ekyanguwa okututega. Munno bw'abaako ne ky'ayogera ekikyamu oba bw'abaako ne ky'akola *bw'ati*, musabire osigale nga ogenda mu maaso. Leka okulondawo kwo okukulu kubeere eri Katonda. Bwe watabaawo mulala yenna alituukayo, ggwe beera oyo alituukayo! Kubanga wagenda kubaawo Omulonde alibeerawo okuyita mu Mulembe ogw'okufuga okw'emyaka Olukumi era aliyingira era n'afuluma wamu ne Kristo okumala emyaka lukumi, oluvannyuma baliyambuka wamu Naye mu Kitiibwa ate oluvannyuma baddemu bakomewo. Okuzuukira kw'ababi bwe kulibaawo, okufuga okw'emyaka Olukumi kuli. . . Okufuga okw'emyaka Olukumi bwe kuliba kuwedde, Kristo alyambuka wamu n'Ekkanisa, era ku nkomerero y'emyaka olukumi Alikomawo wamu n'Ekkanisa.

104 Kristo ajja emirundi esatu. Omulundi ogwasooka, Yajja *kununula* Kkanisa Ye. Si bwe kiri? Omulundi ogw'okubiri, Ajja *kutwala* Kkanisa Ye. Omulundi ogw'okusatu, Ajja *wamu* n'Ekkanisa Ye. Mukiraba? Yajja *okununula* Ekkanisa; Ajja *okukwakkula* Ekkanisa agiggyewo agitwale, mu kiseera we walibeererawo ebibonyoobonyo n'ebirala; addemu akomewo mu kufuga okw'emyaka *Olukumi*, abeerewo okuyita mu kufuga okw'emyaka Olukumi.

105 Oluvannyuma Kabaka omukulu ne Nnaabakyala bakke okusala Omusango. Wabeewo okusala Omusango okw'Entebe Enjeru awo Ebitabo we byabikkulibwa. Olwo Ekkanisa ya Katonda Omulamu eyanunulibwa, eyazaalibwa Omwoyo Omutukuvu, eveeyo eyimirire awo mu bulungi Bwayo okusala omusango. "Ebitabo ne bibikkulwa, omusango ne gusalibwa era buli muntu n'asalirwa omusango okusinziira ku ebyo,"

oyo ye mwonoonyi. "Ne Ekitabo ekirala ne kibikkulwa," si ku lwa Mugole eyajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, ye talibeera mu kusalirwa musango kubanga Alibeera Yakwakkulibwa.

106 Enkya ya leero bw'oba wajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, era nga amaanyi ga Katonda gatambula mu buli kasuwa ak'omubiri gwo, kikola makulu ki ggwe okuyimirira okusalibwa Omusango? Wasalirwa dda omusango, n'okkirizibwa, era n'ojjuzibwa, era wawaanyisibwa dda—dda n'oyingira mu bifo eby'omu Ggulu ne Kristo Yesu. Tekiri nti *oliwaanyisibwa*, wabula we twogerera, mu kaseera kano kennyini wawaanyisibwa!

107 "Abo be Yayita, Yabawa obutuukirivu; abo be Yawa obutuukirivu, Yabawa abo ekitiibwa." Era buli muntu eyanunulwa ali mu nsi enkya ya leero, ali wansi w'Omusaayi gwa Yesu Kristo, eyajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, *alina* Obulamu obutaggwaawo era tayinza kuzikirira, era we twogerera ali mu bifo eby'omu Ggulu ne Kristo Yesu, era talijja mu kusalirwa musango. Yanunulibwa dda! Ekyo si kirungi nnyo? Mukiraba? Yanunulibwa dda, kaakano atudde mu bifo eby'omu Ggulu ne Kristo, era yagulu-. . .yagulumizibwa dda, yagulumizibwa dda!

108 Oyinza okumbuuza nti, "Ow'oluganda Bill, Ebyawandiikibwa bwe bityo bwe bigamba?"

109 Ekyo Yesu kye yayogera, manyanga ekyo Ebyawandiikibwa kye byogera, manyanga abawandiisi. Pawulo, yagamba nti, "Abo be Yawa obutuukirivi, Yamala dda okubagulumiza. Abo be Yamanya edda, Yabaawula; abo be Yayawula edda, Yabawa obutuukirivu; abo be Yawa obutuukirivu, Yamala dda okubagulumiza." Kitegeeza ki? Ha, bannange! (Munsonyiweko.) Yamala dda okubagulumiza! Kitegeeza bwe tuba twajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, emisuwa gyaffe na kyonna kye tuli byaterekebwa dda mu Katonda, waliwo omubiri ogwagulumizibwa oguli eyo ogutulindiridde, era olina okugugendamu amangu ddala nga ebya guno bikomye. Abo be Yawa obutuukirivu, Yamala dda okubagulumiza!

110 Kye mbadde njogerako akaseera katono emabega, ekisiikirize n'ekifaananyi ekya nnamaddala. Nyabula ekyo singa mbadde n'obuyigirize obumala okukibannyonnyola ne kikola amakulu gye muli ne mukitegeera bulungi, naye simanyi bwe nnyinza kukikola. Kye njogerako nkimanyi, naye sisobola kukinnyonnyola nga bwe njagala.

111 [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]. . .Ennyanja Emmyufu n'ebintu bino byonna bye bagenda baggyamu. Ebikozesebwa gyebiri, Abayudaaya, bagagga nnyo, era ekyo kye kintu kye kimu ekijja okuddamu okwonoona olusiisira lwabwe. Weewaawo! Ebibuga by'ensi, byonna bijjja kugendayo. Russia ejja kugendayo, egambe nti, "Ebintu ebyo tuteekwa okubifuna. Eky'obugagga ekyo ekya yuraniyamu n'ebirala ebiri eyo, tuteekwa okubifuna." Era bwe baligendayo, olutalo lwa

Kalumagedoni we lulibeererawo. Era ekyo ky'ekiseera Katonda lw'aliyimirira nga bwe Yayimirira mu kiwonvu ku lw'abaana ba Israeri addemu okulwana. Naye ekyo kiribaawo ekiseera ky'ebiro by'Ab'amawanga bwe kiriba kiweddeko. Era ekiseera ekyo bwe kiriggwaako, balisalibwako.

112 [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] Kati endowooza yange ey'obwetoowaze, eri omuntu ono omwagalwa eyabuuzizza ekibuuzo kino wano, endowooza yange ey'obwetoowaze ku nsonga eno:

**10. Bannaggwano bano be baali baani mu biseera ebyo?**

113 Kati, Josephus awo . . . Weewaawo, nkimanyi, ekkanisa yaffe, nammwe mulinga nze. Obuyigirize bwe—bwe nnina bwa kibiina kya musanvu era si—sifaayo nnyo ku bya buyigirize na bintu bwe bityo. Ndowooza nti kwe kuziyizibwa okusinga okuba okw'amaanyi Enjiri kwe yali ebadde nakwo. Naye era, obw'olumu, nfunayo ekitabo ekimu oba bibiri ne nsoma. Kati, enkolagana yange n'abantu abali nga nze, ffenna tuli ku mutendera gwe gumu, tuli bantu ba bulijjo. Era ekyo nkyebaliza nnyo. Bayibuli egamba nti, "Abantu ba bulijjo baamuwulira n'essanyu." Waaliwo abakungu ab'ebitiibwa, ne wabaawo n'ab'ekika ekirala, naye abantu ba bulijjo . . . Abantu bano ab'embeera eya bulijjo nga ffe, abantu abaagala Katonda abatalina bingi ku bintu bya nsi eno, abalina abaana baabwe n'amaka gaabwe, abaagala Katonda era abaagala ennyo okugenda ku kkanisa, abawaayo e—engoye zaffe ku lw'Obwakabaka Bwe, oba ekintu kyonna bwe kityo. Tumwagala, tujja kukola ekintu kyonna, abo be bantu aba bulijjo abaamuwulira. Era ne leero bwe kityo bwe kiri, abantu aba bulijjo baamuwulira n'essanyu.

114 Kati, omugagga alina bingi nnyo eby'ensi eno by'alina okulowoozaako, mukiraba. Ate—ate omuntu oli ali mu mbeera esembayo okuba embi gw'otolina kintu kyonna ky'oyinza kumukozesa, ali mu bulamu obwonoonefu, oyo ye tajja kukifaako yadde. Naye abantu aba bulijjo baamuwulira n'essanyu.

115 Era kati mu Josephus, mu biwandiiko bye, yagamba . . . Kati, bw'ati bwe yataputa "abaana ba Katonda" bano abaatwala abawala b'abantu. Yagamba nti "Emyoyo egyagwa egyali ku nsi . . ."

116 Kati, mukimanyi nti . . . mu Kubikkulirwa, essuula 11, manya, ey'o 7, nedda, munsonyiweko . . . Essuula ey'e 12 ey'Okubikkulirwa, omukazi eyali ayimiridde mu njuba. "Ogusota ogumyufu ne guwalula ebitundu bibiri bya kusatu eby'emmunyeenye ne guzisika ne guzisuula ku nsi." Tukimanyi nti Ssetaani, ku lubereberye, yateekawo obwakabaka mu bitundu eby'obukiikakkono okubeera obulungi ennyo okusinga o—okusinga obwa Mikayiri bwe bwali, era waaliwo . . .

n'alangirira n'olutalo mu Ggulu. Era n'awalula ebitundu bibiri ku bisatu ebya bamalayika ne badda ku ludda lwe. Si bwe kiri?

117 Eyo y'ensonga lwaki tuli ba lubatu bubatu. Ntegeeza o—o—oludda. . . oludda olutono olw'abantu enkya ya leero, mu nkulungo y'Obukristaayo, abantu abaazaalibwa Omwoyo Omutukuvu, kubanga bali mu—mu—mu kitundu kiri ekitono. Bwe kiri.

118 Era bwe weetegereza emyoyo egyava mu Lubereberye egyasituka, weetegereze okusinza kw'ekkanisa okwo okw'ekikungu, okw'enkola ey'ekikungu ennyo ddala. Kwekkaanye emabega eri mu Kayini, kwekkaanye ne leero. Kwajja kutambula, ne kweyongerayo okuyita mu Bafalisaayo. Era waaliwo ebiwayi bibiri, Omufalisaayo n'Omusaddukaayo. Mukiraba, ne kweyongerayo, era kulabe olwa leero mu Bukatuliki ne mu madiini ag'amaanyi bwe gatyo, ebifo ebinene ebirabika obulungi.

119 Naye, laba Abeeri n'omwana gw'endiga, mukiraba, kusinza okw'embeera eya wansi. Laba okusinza okwo mu biro bya Yesu. Kugoberere okuyita mu Byawandiikibwa byonna nga bw'ojja okulondoola, olabe bwe kufaanana. Tuli mu kiseera ekyo kyennyini Katonda w'azze ayita Ekkanisa Ye ekiseera kyonna. Akaguwa ako, akaguwa ako akamyufu akabaddewo okuyita mu Bayibuli yonna, ebbanga lyonna, ak'abantu abaanaazibwa n'Omusaayi. Mulabeeyo!

120 Kati, "abaana ba Katonda," bano mu ndowooza yange, sigezaako, eky'amazima butakkiriziganya oba okugezaako okwetwala nga omugezi ennyo oba okugamba nti Josephus kye yali ayogerako yali takimanyi, naye yali muntu nga nze. Newankubadde yali mukenkufu okwenkana wa, naye era yali muntu. Era ekintu kyokka kye yalina, yanoonyereza ebyawandiikibwa eby'edda, n'ebirala bwe bityo, n'ebyasigalira eby'edda, n'ebirala, naye teyalina kisinga ekyo kye tulina leero, Omwoyo Omutukuvu. Kati, ye yali akozesa ndowooza ya buntu.

121 Naye ffe tukozesa ndowooza ya mwoyo. Bwe yagamba nti aboogerwako nga "abaana ba Katonda," mbu, baali bamalayika. Nzikiriza nti kye baali. Era nzi—nzikiriza nti ba . . .

122 Kati, ne Josephus yayogera ekintu kye kimu, naye yagamba nti, "Beekakaatika ne bayingira mu mibiri gy'abantu, ne beetwalira abaana ab'obulenzi. . . ne—ne beetwalira abawala b'abantu." Kati, tuli kibiina ekirimu abantu ab'ekintabuli; tulina wano abantu ab'enjawulo enkya ya leero, abasajja, abakazi, n'abawala, n'abalenzi, kati kino ŋŋenda kukyogera mu ngeri abantu abakulu gye banaasobola okukitegeera obulungi. Naye bwe. . . Agamba nti "Bamalayika bwe baalaba okwegomba kw'abakazi, engeri abasajja gye baabeeranga n'abakazi, ne

beekakaatika mu mibiri gy'abantu. Bwe batyo. . . ne betwalira abawala b'abantu."

123 Kaakati, ekyo si—ssikikkiriza. Kye nzikiriza kye kino, nti baazaalibwa eri mu Kanani, era baazaalibwa okuva mu—mu kibinja kya Kayini ekyasindikibwa mu nsi y'e Noodi. Era yaliko akabonero ak'obulambe waleme kubaawo muntu yenna amutta, olw'omusango gwe yazza ogw'okutemula, bwe yatemula muganda we. Naye singa, weetegereza, n'Abaisiraeri baasangayo abamu ku bantu abo bwe baagendayo. Baali banene nnyo, n'agamba nti, "Twali tufaanana nga bwacaaka, bw'otugeraageranya nabo." Si bwe kiri? Bwe waayitawo ebikumi n'ebikumi by'emyaka, waaliwo abasajja abawagguufu, abanene, okukamala. Era oluusi bayiikuula e—emirambo gyabwe, era baakizuula nti baali basajja abawagguufu.

124 Kati gye ndowooza abasajja abo gye baava. Kati, eno njigiriza yange entonotono. Wano tuli bantu ba mu kkanisa wano fekka, mukiraba. Ndowooza nti Kayini yali mwana wa Ssetaani. Ekyo nkimanyi temukkiriziganya nakyo, ekkanisa yange yennyini tebakkiriziganya nakyo. Naye ekyo kikyali. . . Okutuusa Katonda lw'alindaga ekyawukana ku ekyo, nja—nja kusigala nga nzikiriza ekintu kye kimu, mukiraba, nti yali mwana wa Ssetaani. Kubanga sirina bwe ndaba mwoyo ogwo ogw'obutatya Katonda, omwoyo ogw'obutemu nga guva mu Katonda. Nedda, ssebo. Yalina kufaanana kitaawe, era kitaawe we yali kino. . . wano, Ssetaani bwe yayingira omusota.

125 Era omusota tegwali kisolo ekyewalula, ekikolimo kye kyagufuula ekisolo ekyewalula. Gwali nga muntu, nga gutambula gwesimbye. Era gwasisinkana n'omukazi ono erudda eyo, omukazi n'akola obwenzi buno n'azaala omwana we ow'obulenzi eyasooka eyali Kayini, eyalina obutonde bwa kitaawe. Era nzikiriza nti ensolo eyo ennene yali yeesimbye ng'omuntu, era yatambulanga yeesimbye, era mu yo bannaggwano bano mwe baava. Weewaawo, ddala bwe kiri. Kati, eyo y'endowooza yange naye nna—nnandiba omukyamu. Eyo y'endowooza yange, mukiraba. Naye baali basajja abawagguufu.

126 Era bw'oba weetegerezza, Katonda bw'ayimirira awo mu maaso ga Adamu ne Kaawa, Agamba nti, "Nnakuggya mu ttaka, era mu ttaka mw'olidda. Nze. . .

127 "Era kubanga oleese. . . wawulirizza. . . ensolo mu kifo ky'okuwuliriza balo, n'oggya obulamu mu nsi, olibukomyawo mu nsi."

128 N'ava awo n'Agamba nti, "Musota ggwe, amagulu go gakukongokeko, okiraba, togenda kuddamu kutambula nga weesimbye. Era togenda kubeera nsolo, wabula kati ogenda kubeera kyewalula. Era ojja kwewaluliranga ku lubuto lwo, n'enfuufu y'enaabeera emmere yo."

129 Awo we ndowooza okuba nti abo. . . Kayini, we yajja obutonde bw'ensolo eyo eyeebaka ne. . . nga ensolo, eyeebaka n'omukazi ono eyazaala omwana ono, eyali ekitundu nga nsolo naye ate nga afaanana omuntu, nga munene muwagguufu. Bwe yava awo n'agenda erudda eyo n'atandika okuzaala abaana, nga nabo nsolo, balina okwegomba okw'okwegatta nga kitaabwe bwe yali, era olw'okwegomba okwo okw'ensolo ne basisinkana abawala bano n'abalala, ne beetwalira abawala b'abantu. Bwe kiri.

130 Era awo abantu bano we baava, amazima, baava mu lunyiriri lwe lumu nga gy'emyoyo gino egyagwa egijja ku bantu. Mujjukire nti, emyoyo gye gimu egyaliwo edda mu kiseera kiri, leero. . . n'olwa leero weegiri.

131 Mugirabe olwa leero! Kati, tulina abantu mu ggwanga lino a. . . Kati, siri. . . Kino, ndi Mumerika, ekyo mukimanyi. Naye muleke mbabuulire, lino lye ggwanga erisingayo okuba eryonoonefu nga oggyeeko ekibuga Paris, mu Bufaransa, lye mmanyi mu nsi yonna. Lyonoonefu nnyo!

132 Mazima ddala, n'abantu okuva mu mawanga agali emitala w'ennyanja, mu Afrika, mu—mu Sweden ne. . . engulu eyo, beebuuza nti, "Naye ddala bantu mmwe Abamerika kikyamu ki ekibaliko, abakazi bammwe temukyabassaamu kitiibwa yadde? Ennyimba zonna eziri ku leediyo, ennyimba embi ennyo, ez'obuseegu ze muyimba ezikwata ku bakazi. Eyo ewammwe abakazi bammwe temukyabassaamu kitiibwa yadde?"

133 Ennyimba zaffe zonna zikwata ku bakazi, oba kwegatta na kwegomba, n'ebiringa ebyo. Kiri lwakuba ssetaani yaziwamba. Ddala bwe kiri. Hollywood ejjudde obwonoonefu ne ttivvi na buli kimu ebifulumya ebintu ebyo eby'obuseegu n'ebintu eby'obutatya Katonda, ne bigenda awatundirwa empapula z'amawulire na buli wamu wonna. Buli kimu okisangako bakazi abali obukunya oba ekintu bwe kityo. Y'engeri yennyini gye kyatandikamu ku lubereberye, era kikomekkereza mu ngeri y'emu. Kya nsonyi!

134 Era enkizi y'eggwanga lyonna bwannakazadde, bwe kituuka ku mpisa. Era bw'otyoboola obwannakazadde, enkizi y'eggwanga obeera ogikutudde. Leero tutuuse mu mbeera nga abakazi baffe. . . banywa sigala, n'ebiringa ebyo, n'okunywa wisiki, n'okwejeeguula, naye ki—kiweebuula okukamala!

135 Omuvubuka singa agezaako okwagala okufuna omukyala akyali embeerera, omulongoofu, kimwetaagisa, kyenkana, okubaako ekkanisa ennungi, entono, ey'enkola enkadde, ekkiririza mu Mwoyo Omutukuvu, okusobola okumufuna; era ekyo ddala kituufu, awali omusajja eyamukuuma nga teyeeyonoonye n'ebirala bwe bityo, n'asobola okusigala nga akyekuumye n'ateeyonoona.

136 Oyinza okulowooza nti ekyo kya buzoole, naye, ow'oluganda, ojje okyekkaanye bulungi, olabe oba ago si ge Mazima. Kiswaza okukamala! Bwe kiri.

Abo baali baana ba Katonda abali mu . . . Kati, ekyo, nsobola okunnyonnyola . . . Bwe—bwe nkimanya nti . . .

137 Nnina ekibuuzo ekirala kye nnabadde nakyo olwa leero, nga bambuuza nti, "Naye, Ow'oluganda Bill, Bayibuli egamba nti Kaawa yagamba nti, 'Mpeereddwa omwana okuva eri Mukama.'" Mazima ddala bwe kiri. Yalina kuva eri Mukama. Mukama ye Mutonzi yekka. Ya . . . Katonda ye yatonda ssetaani. Ekyo kiri kitya? Katonda ye yatonda ssetaani. Katonda ye yatonda buli malayika yenna eyagwa. Si bwe kiri? Weewaawo, mazima ddala bwe kiri. Okwo kwali kulondawo kwabwe, tekwali Kukwe. Naawe Yakutonda, okikoledde ki? Naawe olisalirwa omusango mu ngeri y'emu nga nabo bwe balisalirwa. Ky'ekyo. Mazima ddala!

138 Bano baali baana ba Katonda, naye baali bagudde ne bava mu kisa ne bafuuka basajja bano abaali nga ensolo, ne bagenda nga balina okwegomba okw'ekikaba. Kale bwe baalaba abakazi, baabeetwalira bwetwalizi. Ate, bakyaliwo. Obugwenyufu bwa Amerika bujjudde e . . . Omusajja atalina Mwoyo wa Katonda, ajja kusikambula omwana omuwere mu mikono gya nnyina akabassannye nnyina. Awatali Katonda, talina—talina njawulo yonna na nsolo. Abeera akyalina obutonde bw'ensolo buli, obutatya Katonda. Ate omusajja a . . . Bagamba mbu eddiini ekutwala, bagamba mbu abasajja baagwa eddalu olw'eddiini. Eddiini kye kintu kyokka ekisobola okuwa omuntu endowooza ye entuufu, eyo nga, y'eddiini ya Yesu Kristo.

139 Nsobola okubakakasa nga nkozesa Bayibuli nti tobeera mu ndowooza yo ntuufu okutuusa ng'ozudde Kristo. Bwe kiri. Ekyo kikalubo nnyo, naye nsobola okukibakakasa nga nkozesa Ebyawandiikibwa. Bwe kiri. Ofuuka butonde bwa nsolo, kubeera na kwegomba kwa kikaba, n'ebiringa ebyo, okutuusa nga ozudde Kristo Yesu. Ye mwagalwa Yekka.

140 Kati, nja kukkiriza nti abantu basoma nnyo, ne bagezaako okugenda ewala ennyo okusukka ku balala, ne bagezaako okulowooza ennyo ekisukkiridde, era oluusi ne bakomekkereza nga batabuse obwongo n'ebintu bwe bityo olw'okusoma ku Mukama. Ekyo mukikomye! Ekyo teweetaaga kukikola. Ekintu kyokka ky'olina okukola kwe kugwa mu mukwano Naye, n'ogenda mu maaso n'okumwagala. Amiina. Ensonga si kugezaako kubaako kintu kye weekaniikirira kufuuka oba okwefuula ky'otoli, wabula genda bugenzi mu maaso owe Katonda omwagaanya akukozese mu ngeri Ye gy'ayagala okukukozesaamu. Weeweeyo bwewi, weeweeyo otambule ogende mu maaso, nga oli musanyufu, nga oyimba, nga osanyuka. Eyo y'engeri.

141 Bayibuli egamba nti, "Ebintu byonna bikolera wamu ku lw'obulungi eri abo abamwagala," kale kakasa kimu nti omwagala, ekyo kyokka ky'olina okumanya. Amiina! Ggwe mwagale bwagazi ogende mu maaso! Mugambe nti, "Mukama, nkwagala, Okimanyi nga nkwagala."

"*Kino* okyagala?"

"Nedda, Ssebo. Nkwagala, Mukama." Okiraba?

142 Bwe bakubuuza nti, "Kati, toyagala kubeera... Tewandyagadde kubeera mubuulizi wa maanyi? Tewandyagadde kubeera *kino*?"

143 "Nedda. Kati, Mukama, kiki...Bw'oba Oyagala nkibeere, nja kukibeera. Bw'oba Toyagala, Amiina. Nja kubeera wano wennyini, nkole nga ekiwempe ekisangulizibwako engatto mu mulyango gw'ekkanisa eno."

144 "Naye, kati, nzikiriza singa okola ekintu nga *kino* ekkanisa yo abantu bajja kugyettanira."

145 "Sifaayo ku kiki abantu kye balowooza, njagala kumanya Ggwe ky'olowooza, Mukama. Nja—nja kunywerera ku Ggwe wekka, ky'Oŋŋamba okukola. Weewaawo, bonna mbaagala."

"Naye, kati, Mwannyinaffe *Gundi* omumanyi, tomwagala."

"Weewaawo, mmwagala, Mukama wange. Weewaawo, mmwagala. Mmwagala."

"Lwaki?"

146 "Kubanga Omwagala, ate Oli mu nze. Kale nnina okumwagala, kubanga Ggwe amwagalira mu nze." Wuuu! Ekyo kiba kiwedde.

147 Naye ndowooza nti ezo zaali nsolo ziri ezaagwa mu kiseera kiri, eyo y'ensolo eri eyalina okwegomba eyagwa, mukiraba.

**11. "Abaana ba Katonda" kitegeeza Bamalayika oba kitegeeza myoyo egyava mu Ggulu?**

148 Ekyo kye kibuuzo omuntu oyo kye yabuuza. Kale. Nzikiriza nti tebaali Bamalayika. Mukiraba, baali bantu, "abaana ba Katonda," nga Ekyawandiikibwa bwe kigamba. Si bamalayika, baali baana ba Katonda. Era baava mu Ggulu ne bajja ku nsi, ne bateekebwa mu mubiri; si nti "beekakaatika mu mubiri," nzikiriza nti buli mubiri gwonna guzaalibwa kuyita mu kwegatta nga oggyeeko ogwa Yesu Kristo. Nzikiriza nti Ye Muntu yekka eyali abaddewo eyazaalibwa embeerera, Yesu Kristo. Kale si—sikkiriziganya na Josephus ku nsonga eyo, munnabyafaayo oyo ow'amaanyi. Naye nzikiriza nti baali bitonde ebisukkulumye ku butonde obwa bulijjo ebyajja ne biwamba omwoyo gw'omuntu. Era nzikiriza nti weebali wano wennyini n'olwa leero, bakyatambula mu Jeffersonville olwa leero, emyoyo gy'ensolo egyo gye gimu, egy'okwegomba okw'ekikaba, egitatya Katonda, okubeera munda mu bantu.

Kati, lumu abantu bano bajja kufa; era bwe walibaawo omulembe omulala, gijja kugenda mu maaso gikke ku bantu b'omulembe ogwo omulala oguliddawo.

149 Mujjukire nti, Katonda atwala omuntu We naye tatwala Mwoyo We, ono ye Mwoyo Mutukuvu y'omu gwe baafuna ku Pentekoote.

150 Ye ssetaani y'omu (mu nkula ey'amadiini) eyayigganya Kristo, ye ssetaani y'omu ali mu kkanisa leero, nga ayambadde amaganduula amawanvu. Era tebeetaaga kwambala . . . Sitegeeza gganduula lye bambala ku mibiri gyabwe, ntegeeza egganduula eriri ku mmeeme yo. Mukiraba, "Naye, ennaku z'ebyamagero zaayita, ebyo tebiriiyo." Yogera ku Bafalisaayo ab'omulembe! Mazima ddala.

151 "Nga balina e . . . " Bayibuli egamba nti, "Baliba n'ekifaananyi eky'okutya Katonda, naye nga beegaana Amaanyi. Abalinga abo bakubenga amabega, beeyawuleko. Beewalire ddala, babeere wala." Abo basigala baana ba Katonda, wabula bali mu mbeera ya kugwa. Mulaba kye ntegeeza? Abamu baweereza, abamu badiikoni, abamu bakadde, abamu balabirizi, banyiikivu nnyo ddala nga bwe kisoboka! Naye Bayibuli . . .

152 Kati, ŋŋenda kwanukula ekibuuzo, ow'oluganda, kye wambuuzizza akaseera katono akayise. Waliwo eyaŋŋambye nti:

**12. Ow'oluganda Branham, njagala okumanya kye nsobola okukakasizaako ne ŋŋamba nti "Omusajja ono alina Omwoyo Omutukuvu kubanga yakola 'kino,'" oba "Omukazi ono alina Omwoyo Omutukuvu kubanga yakola 'kiri.'"**

153 Tewali ngeri yonna mu nsi gy'oyinza kukimanya. Bwe kiri. Tewali ngeri yonna mu nsi gy'oyinza kukimanya. Katonda ye Mulamuzi, si ffe tulina okusala omusango. Mukiraba? Ggwe buulira bubuulizi Njiri kyokka, otambulire . . .

154 Lumu waliwo omuntu eyantuukirira wano ekiseera ekiyise, nnali mbuulira ku bye nnayogerako ekiro kya luli. Yajja ewange n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, ow'oluganda, njagala—njagala—mbadde njagala ku . . . Njagala kuggyibwako bibi byange. Njagala kubeera Mukristaayo." N'atuula ku lubalaza lwange.

155 N'agamba nti, "Nnawulira ku musajja ow'erinnya, omusajja amanyiddwa mu nsi yonna ayitibwa Billy Graham." N'agamba nti, "Nnagenda mu nkuŋŋaana ze ne—ne—n'agamba nti, 'Buli ayagala okufuuka Omukristaayo, yimusa omukono gwo okkirize Kristo nga Omulokozi wo.' Nange ne nnyimusa omukono gwange. N'agamba nti, 'Kaakati, mwenna muyimirire, tusabe.' Ne nsigala awo ne nsaba nga . . . " (munsonyiweko) "ne nsaba mu bwesimbu ddala nga bwe nsobola." N'agamba nti, "Naye, tekirina kalungi konna ke kyankolera."

156 N'agamba nti, "Ne ŋŋenda ne mu—mu lukuŋŋaana lwa Oral Roberts." N'agamba nti, "Nnamuwulirako, ne mpulira nti bonna baalina essanyu eritagambika." N'agamba nti, "Nagenda ewa Oral Roberts ne mmubuuza nti, 'Kiki kye nteekwa okukola okufuuka Omukristaayo?' N'aŋŋamba nti, 'Yingira munda wali. . .' Ne mmugamba nti nnayimusizza omukono gwange mu lukuŋŋaana lwa Billy Graham. N'aŋŋamba nti, 'Sigala mu kisenge ekyo we babuuliza obeere munda eyo okutuusa lw'onoosanyuka ennyo n'oyogera ennimi.'" N'agamba nti, "Ne nnyingira munda ne nsaba okutuusa lwe nnayogera mu nnimi." N'agamba nti, "Nnavaayo, naye era tekirina kalungi konna ke kyankolera."

157 N'agamba nti, "Bwe nnava awo ne ŋŋenda mu lukuŋŋaana olulala ne baŋŋamba nti sinnatukuzibwa, nti 'Nnina okutukuzibwa ne nsanyuka ne ndeekaana, ne nfuna essanyu erimala.' Bwentyo ne nsaba ne nsaba okutuusa lwe—lwe nnaleekaana." N'agamba nti, "Naye era. . . "

158 Ne mmugamba nti, "Ow'oluganda, buli kimu ku bintu ebyo bituufu, buli kimu ku byo kirungi. Okuyimusa emikono gyo waggulu, okwogera mu nnimi, okuleekaana, buli kimu ku byo nkikkiririzaamu, naye era ekyo si kye kinyusi kyennyini. Okiraba, ekinyusi kyennyini kwe kukkiriza Omuntu, Kristo Yesu." Okiraba? Okiraba, ekikulu si ku. . .

159 Ebintu bino bibala ebigoberera. Okuleekaana, okwogera mu nnimi, okudduka, okuleekaana, okukaaba, okusaba, ka kibeere kiki kyonna, ebyo bibala ebigoberera. Ekisooka kwe kukkiriza Omuntu, Kristo Yesu. Mukiraba? N'olwekyo tewali—tewali bukakafu bwonna bwe tusobola kugamba nti buubuno. Mbu kubanga omuntu akaaba? Ndabye ku bantu oli n'akaaba n'akaaba, naye nga akaaba maziga ga ggoonya, nga akyali mwonoonyi lukulwe yennyini.

160 Muwulirize, Yesu yatufaananyiriza n'endiga. Si bwe kiri? Omusumba abeera amanyi endiga ze. Wano waliwo omuntu yenna eyali awulidde embuzi nga ekaaba? Kati nno, ow'oluganda, olina kuba musumba yennyini bw'oba oyagala okubyawula. Embuzi ejja kukaabira ddala ng'endiga yennyini. Uh-huh. Leka wabeewo sseddume w'akabuzi akalina we kasibiddwa engulu eyo awantu awamu, n'akaliga ku ludda olumu kajja kukaaba "Baa," n'akabuzi "Baa," mu ngeri y'emu.

161 Era mbawuliddeko nga bali wansi awo ku kyoto nga bakaaba bwe bakaaba nti, "Ayi Katonda!" nga bwe bakuba ebiwoobe bwe batyo, "Ayi Katonda!" naye nga mbuzi ekiseera kyonna. Bwe kiri. Kuleekaana? Ate, bannange, mbalabyeko nga baleekaana ne batuuka n'o. . . ne badduka ne beetala awo wonna ne babuukabuuka ne baleekaana.

162 Kati, muyinza okuŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, tokkiririza mu kukaaba!"

163 Temuntegeera bubi. Mazima ddala, nzikiririza mu kukaaba. Naye kye ŋŋamba kiri nti obwo si bwe bukakafu, mukiraba, kubanga bombi bakaaba. Mbalabyeko nga baleekaana nnyo nga bwe basobola okuleekaana. Yee, ssebo. Naye ne bagenda mu maaso n'okwejeeguula mu ngeri eyo, kaakati ebibiri ebyo byawukanira ddala, mutegeera kye njogerako. Mbawuliddeko nga boogera ennimi, ne bava awo ne bafuluma ne batambulira mu bulamu obwa buli ngeri, ne bakola buli kimu kyonna. Ennimi ezo si kabonero.

Naye mujja kuŋŋamba nti, "Ovumirira okwogera mu nnimi."

164 Nedda, sikuvumirira. Nzikiririza mu kwogera mu nnimi, kirabo kya Katonda mu kkanisa. Singa nkiggyawo, mbeera nzigyeewo ekitundu ku Katonda. Singa nsowolamu olulimi lwange—olulimi lwange mu mubiri gwange wano, mba sikyalina mubiri mujjuvu. Omubiri gwa Yesu Kristo gulina ennimi mu Gwo. Omubiri gwa Yesu Kristo wano gulina ennimi; era bw'oziggyawo, obeera oggyeewo ekitundu ku Kristo. Naye ate era tosobola kugamba nti ennimi ezo gwe Mubiri, mukiraba. Mukiraba? Mukiraba?

165 Naye ekikulu kwe kukkiriza Omuntu, Kristo Yesu, olwo ebintu bino ebirala ne bigoberera ne bikwatagana wamu. Leka buli mmemba yenna ali mu mubiri guno enkya ya leero, leka akabinja k'abantu abali wano, singa tusobola okuggyawo entimbe ezitwawulamu ku buli ludda buli muntu ali munda wano n'asembeza Omuntu, Kristo Yesu, tewandibaddewo kavuyo konna era tewandibaddewo kuneneŋŋana kwonna. Wandibaddewo kwagala okutuukiridde. Weewaawo wandisigadde okyakkiriza *kino* nga okyakkiriza na *kiri*, naye wandibaddewo okwagala okungi ennyo nga owulira oyagala na . . . Mukiraba? Ky'ekyo. Kati, Yesu yagamba nti, "Mulibategeerera ku bibala byabwe." Ate ebibala by'Omwoyo kwe kwagala, essanyu, emirembe, okugumiikiriza okutakeŋŋentererwa, obulungi, obuteefu, obukkakkamu.

166 Kati, ŋŋenda ku . . . Ŋŋenda kubawa kye ndowooza okuba nti kye kintu ekisemberedde ennyo okuba obukakafu, obulaga nti omuntu Mukristaayo, okusinga ekintu kyonna kye mmanyi. Mumanyi kye kiri? Kwe kusinda kw'emmeeme. Ye muntu bulijjo alumwa ennyo enjala n'ennyonta ku lwa Katonda. Nga tasobola . . . emisana n'ekiro, nga—nga tasobola kukyebeera. Nga a—a—ateekwa okubaako ne ky'akolera Katonda. Nga a—ajjudde okwagala nga yenna . . . alina okusinda mu mmeeme ye, nga abeera mu kusinda ekiseera kyonna. Bayibuli egamba nti, "Oyo agenda okusiga ng'akaaba amaziga awatali kubuusabuusa alikomawo nate, nga ajaguza, ng'aleese ebinywa eby'omuwendo." Si bwe kiri? Ebintu ebyo byonna.

167 Kaakati, mulabeeyo, bwe kiba nti . . . Ekkanisa eno bw'e . . . Ssinga ŋŋamba, enkya ya leero, nti ekibinja ky'abantu bano

abali wano ne. . . Singa Katonda aŋŋamba nti, "Kaakati, labayo, William Branham, Njagala oyanukulire ekibinja ky'abantu abo, by'obagamba. Kati, oyagala bonna baleekaane?"

"Mazima ddala, njagala baleekaane."

"Oyagala bonna boogere mu nnimi?"

"Njagala buli omu ku bo azoogere."

"Oyagala bonna bazinire mu Mwoyo?"

"Njagala buli omu ku bo akikole."

168 "Kale, kati, ekyo kirungi nnyo, naye kiki kye wandyagadde bakole okusinga ebyo byonna?" Uh-huh.

169 "Nandyagadde waakiri mbeere n'ekkanisa y'abantu abalina omugugu omuzito ennyo ogw'okusaba ku mitima gyabwe nga basobola okusigala wano ku wolutaali eno ne babeera wano emisana n'ekiro, n'ebiseera ebirala byonna; ne mu mayumba gaabwe, nga bali mu kusaba buli kiseera, nga beetoowaze, nga bagezaako okuleetera abantu okujja eri Katonda, nga bakuba amasimu mu ddwaliro n'okukyalira abalwadde, nga bagezaako okuleeta abantu mu kkanisa n'okukola obulungi. Waakiri mbeera n'ekyo okusinga biri ebirala byonna nga obiggasse wamu; wadde na biri bituufu, era birina okuba mu kkanisa."

170 Naye singa mba wa kuweeba kakisa ako okulondawo, ekyo kye nnandikulembezza. Kubanga bw'obeera n'ekyo, biri ebirala bijja kubaawo. Uh-huh. Mukiraba? Bw'obeera n'ekyo, bw'olumwa ennyo enjala ku lwa Katonda, okuleekaana kujja kubaawo. Bw'olumwa ennyo enjala ku lwa Katonda, okwogera mu nnimi kujja kubaawo. Bw'olumwa ennyo enjala ku lwa Katonda, n'ogenda mu maaso nga olumwa enjala, enjala eyo n'ogyekuumirako. Bw'olaba nga otandiikiriza obuteefiirayo, jjukira kimu, weegendereze, waliwo omwoyo omulala ogugezaako okukukoleramu. Sigalawo awo wennyini mu maaso ga Katonda, weetoowaze, n'okusinda okw'emmeeme. Beera. . . beera n'okw'enkola enkadde. . .

171 Nsobola okukikakasa nga nkozesa Bayibuli nti "Omulundi ogwasooka Malayika wa Katonda lwe yayita mu nsi okubaako b'ateekako akabonero n'Omwoyo Omutukuvu, akabonero Yakateeka ku abo bokka abaali bakaaba n'okusinda olw'emizizo egyali gikolebwa mu kibuga," Ezekyeri, essuula ey'o 9. Si bwe kiri? Teeka akabonero ku kyenyi ky'abo abasinda era abakaaba olw'emizizo egikolebwa mu kibuga.

172 Kaakati, njagala mbeeko ekibuuzo kye mbabuuza, ŋŋenda kubabuuza ekibuuzo kino. (Kati tugenda kumaliriza mu bwangu ddala nga bwe nsobola.) Kiki ekiyinza okubaawo olwa leero singa Omwoyo Omutukuvu ayita mu Jeffersonville, mu New Albany, ne mu Louisville, okuteeka akabonero ku abo olw'eggulo lwa leero abali eka abagamba nti, "Ayi Katonda, weereza okudda obuggya, tulumwa enjala

twetaagayo olukuŋŋaana. Ayi Katonda, laba ebibi by'ekibuga. O, tebisusse obubi, ayi Katonda? O, nkwegayiridde t'Otuweereze okudda obuggya, ayi Katonda? Baako omubuulizi omulungi gw'otuweereza, baako gw'otuma. Ayi Mukama, leka Omwoyo Omutukuvu. . . " Wa, b'awa be Yanditaddeko akabonero? Mukirowoozeeko.

173 Kaakati, "Naye, Ow'oluganda Branham, otegeeza ki?"

174 Kino kye ntegeeza, era kati kino nkyogera n'obwetoowaze, nga ndi ku bunkenke. Nzikiriza nti ekiseera ekyo kinaatera okuggwaako, abo abali munda bali munda. Mukiraba? Mukiraba? Enzigi zigenda zeggalawo, omugugu ogwo temukyagulina.

175 Billy Graham abadde n'enkuŋŋaana okwetoloola eggwanga lyonna, ne Oral Roberts, n'abalala fenna. Tukaabye, ne tusaba ne tusaba, ne tukola buli kimu kyonna. Naye, mukiraba, enzigi zigenda ziggalwaawo. "Leka omugwagwa," nnokola Kyawandiikibwa, "asigale nga mugwagwa. Leka omutuukirivu, asigale nga mutuukirivu. Oyo omutukuvu, asigale nga mutukuvu." Era nzikiriza nti enzigi z'Ab'amawanga zigenda zeggalawo. Mukiraba? Olunaku lw'ekiseera ky'ebiro lunaatera okuggwaako, waliwo batono nnyo abakyasigaddeyo ab'okuyingira. Ensonga lwaki tokyasobola kubeera na lukuŋŋaana bwe lutyo, tewali kusinda kwa mmeeme. Te— temukyafuna mugugu ogwo.

176 Nzijukira emyaka egiyise. Bulijjo mubawulira nga boogera ku kukuluumulukuka kw'aboonoonyi abajjanga okukkiriza obulokozi n'ebintu bwe bityo mu kkuŋŋaaniro. Ekyo tekikyalabikako, yadde n'akatono. Naye mu kiseera kiri kyali kisu, Katonda yali ayita Ekkanisa Ye. Mbalabyeko nga bakuba ebiwoobe n'okukaaba ne beeyala wansi ku wolutaali ekiro kyonna. Ŋŋenzeeko mu mayumba gaabwe, nga bw'osembera okumpi osobola okubawulira, eyo mu. . . mu kisenge kyabwe gye basula, abasajja n'abakazi, nga bakaaba bagamba nti, "Ayi Katonda!"

177 N'obalaba nga bayingira mu kkanisa, ne ndaba piyano n'etandika okuzannyibwa ne bakuba oluyimba, *Yesu Nkuumira Kumpi n'Omusaalaba*, nga amaziga bwe gakulukuta wansi awo, nga bwe mumanyi. "Ne bafeesa, ne bafeesa, ne bafeesa, ne bafeesa, ne bafeesa." Bw'oyingira mu kkanisa *eno*, n'ogenda ne mu kkanisa endala, nabo n'obawulira nga bakuba oluyimba, *Waliwo Ensulo ey'omuwendo*. "Ayi Katonda, lokola mutabani wange. Lokola muwala wange, yabula, ayi Mukama. Nkwegayiridde!"

178 Ekyo tekikyaliwo. Mutawaana ki? Omwoyo wa Katonda yaggyibwaawo. Yesu yagamba, yalagula nti kino kiribaawo, n'agamba nti okwagala. . . kubanga okwagala kw'abangi. . . okwagala kwabwe kuliwola. "Era kubanga obujeemu buliyinga

obungi, okwagala kw'abasinga obungi kuliwola." Mukiraba? Mukiraba, kuliwola, kuliggwaawo. Okwagala kufa kuggwaawo. Era kiki kye baafuuse? Basigazza kifaananyi bufaananyi; kukuba nnanga, n'amaanyi amangi, ne baleekaana nti, "Ekitiibwa kibe eri Katonda! Aleruuya! Amiina! Mukama atenderezebwe!" Mukiraba, bwe batyo, ekyo kifaananyi bufaananyi. Temwerimba, mukiraba, mwerimba bwerimbi. Labayo, wuliriza, ow'oluganda, okutuusa lwe tu . . . ŋŋenda bwentyo, njoger- . . .

179 Soogera ku kkuŋŋaaniro lyaffe, njogera ku bye nsanga okwetooloola Amerika. Kifuuse kifaananyi bufaananyi, ngeri ya kuzannya katemba wa kiri kye twabanga nakyo. Naye okusinda kw'emmeeme okwo, kyenkana kuggwereddewo ddala. O ow'oluganda, mwannyinaze, (Katonda, atusaasire) Katonda atusaasire!

180 Mulabe enkuŋŋaana z'okudda obuggya zino n'ebintu ebirala babuulira ne babuulira ne babuulira, Enjiri n'ebuulirwa nga etegeerekeka bulungi nnyo ddala, ne . . . Mulabe enkuŋŋaana ezo olwa leero, enkuŋŋaana oluba okuggalwaawo ziti, nga bagenda. Mumanyi lwaki?

181 Leka njogere kino. Simanyi lwaki kino nkiremeddeko. Naye, mulabeeyo, Yesu yagamba nti, "Obwakabaka obw'omu Ggulu bufaanaanyizibwa n'omusajja eyakwata akatimba n'akasuula mu nnyanja. Era bwe yakasikaayo, weewaawo, yakwasa ebika by'ebintu eby'enjawulo okuva mu nnyanja. Yakwasa enfudu, n'akwasa emisota, n'akwasa enjaba, ebiwuka by'omu mazzi, n'ebyennyanja. Mukiraba? Era nzikiriza nti akatimba . . .

182 Kaakati, mulabeeyo! Tulina *wano* enfudu, tulina ne *wano* ekyennyanja. Enfudu tesobola kukyebeera kubanga nfudu, yazaalibwa nfudu. Mu butonde bwayo nfudu kye kyokka ky'eri. (Kaakati mujjukire nti, ŋŋambye—ŋŋambye ŋŋenda kusaba.) Mukiraba, yazaalibwa nfudu, era ne kati nfudu. Bwe guba gwazaalibwa musota, ne kati musota. Bwe kiba kyazaalibwa kiwuka . . .

183 Era nzikiriza nti akatimba kakasukiddwa ne kakasukibwa ne kakasukibwa, okutuusa ebyennyanja byonna kyenkana lwe biggyiddwayo mu kidiba.

184 Y'ensonga lwaki bagamba nti, "Kale, nnayimusizza emikono gyange. Ekitiibwa kibe eri Katonda! Njagala kulokolebwa. Mukama atenderezebwe!" Ate oluvannyuma lw'ennaku nga ziizo ne bagamba nti, "Leka naawe, Lydia, ebyo okimanyi tebiriimu makulu." "Naye byandiba nga byali bituufu." Lwaki? Okusooka kwa byonna obutonde obuli munda *wano* bwa kiwuka kya mu mazzi; okusooka kwa byonna, yali musota.

185 Ebyennyanja kati kyenkana binaatera okumalibwayo mu nnyanja. Akatimba kajja kwanikibwa kakale. Era Yesu ajja kujja, era Ajja kutwala ebyennyanja Bye bw'anajja.

Mulaba kye ntegeeza? O, mu ggwe bwe mubaamu ettondo ly'Obukristaayo lyonna, mu ggwe bwe mubaamu ettondo ly'okwagala okuweereza Katonda, likwate olinywereze ddala nga bw'osobola enkya ya leero era olyagale n'omutima gwo gwonna.

186 "Abaana ba Katonda beetwalira abawala b'abantu." Mazima ddala baali baana ba Katonda. N'olwa leero bakyali baana ba Katonda, naye baana ba Katonda abaagwa. Abamu ku bo, bwe kituuka ku byawandiikibwa, wuuu! Nga basobola okunokola Ebyawandiikibwa! Baana ba Katonda. Mukimanyi, nti Ssetaani yali musajja wa Katonda eyamuyimiriranga ku mukono ogwa ddyo. Omanyi, ategeera bulungi Ebyawandiikibwa okusinga omuntu yenna—eyakuguka mu by'eddiini yenna—omukugu eyakuguka mu by'eddiini yenna mu nsi olwa leero. Yogera ku... Agenda avuunika amatendekero g'eby'eddiini, naddala lino wano ery'Ababaputisiti abagamba mbu "Yesu Kristo yazaalibwa mujaasi Omuruumi, manyanga mujaasi Omugirimaani." Nnina ekitabo ekyogera ku nsonga eyo, olumu ku nnaku zino njagala nkibalage. Kale.

187 Mangu nnyo, Okuva...O, ekyo tetujja kusobola kukikwatako okuggyako nga tuzzeeyo. Kati ŋŋenda kubiyitamu mangu nnyo ddala, nkimanyi mbaliiridde obudde bwammwe bungi. Mwenna musobola okuŋŋumiikirizaamukko eddakiika endala nga ziizo? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.]

**13. Emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya, aboogerwako mu Kubikkulirwa, abaasigalawo ku Bayudaaya be tu... balibeera kitundu ku Kukwakkulibwa kw'Ekkanisa? (erudda eri) Yo Isiraeri si, ku ntandikwa ya... baatandika...**(Munsonyiweko)**...bagenda mu kiseera—kiseera eky'a...?**

188 Munsonyiweko, munnindemukko kino nkisome bulungi nga bwe kirina okuba. Kya—kyayiseemu, kyanaabuuse ne kiva ku lupapula.

> **...okujja okubaawo mu myaka olukumi egya—egya Kristo mu kifo ky'egyo omuntu gy'asobola okuba omulamu, nga bannaddiini bano ab'omulembe bwe batugamba?** Yee, ssebo.

189 Kati, mulindeemukko, kino nkiggyeyo bulungi. Ekibuuzo kigamba nti:

> **Emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya, nga beebo abaasigalawo...?**

190 Ekyo njagala tusooke tukitereeze ekyo, nkakase nti mu... Mukiraba, emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya...

> **Emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya, aboogerwako mu Kubikkulirwa, abaasigalawo ku Bayudaaya be balibeera ekitundu ku Kukwakkulibwa kw'Ekkanisa? Emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya...?**

191 Kati, ki. . .Ndi—ndi. . .Kino njagala nkitegeere bulungi mu birowoozo byange nga sinnakitandikako.

**Emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya, aboogerwako mu Kubikkulirwa, be baasigalawo ku Bayudaaya abalibeera ekitundu ku Kukwakkulibwa kw'Ekkanisa?**

192 Njagala ntandike n'ekyo. Emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya be Bayudaaya abaasigalawo, naye si ye Kkanisa etwalibwa mu kukwakkulibwa. Mukiraba? Kati mukebere mu Kubikkulirwa, essuula ey'o 6, ekyo mujja kukiraba.

193 Bwe tukimala tujja kufuna ekitundu kiri—kiri ekirala era oyo eyabuuzizza alinayo n'ekibuuzo ekirala. Mwetegereze ebintu bino.

194 Kale, kati mulabeeyo wano, Okubikkulirwa 6, kati, awo w'okisanga. Mukiraba? Kati, tugenda kutandika, agenda mu maaso n'ayogera ku bavuzi b'embalaasi, n'ebirala, nga bw'agenda mu maaso. "Bwe baabembula a. . . " Leka tusome olunyiriri olw'o 9 olw'essuula ey'o 6 ey'Okubikkulirwa:

*Era bwe yabembula akabonero ak'okutaano,. . .*

195 Ndi—ndi—ndi mukyamu, ndi mu ssuula nkyamu. Erina kuba ssuula ya 7:

*. . .oluvannyuma lw'ebintu bino ne ndaba bamalayika bana nga bayimiridde ku nsonda nnya ez'ensi,. . .*

196 O, nga kibuuzo ekirungi ennyo, naye ate tulina akaseera katono nnyo okukikwatako oluvannyuma tusabire abalwadde.

*. . .oluvannyuma lw'ebintu bino ne ndaba bamalayika bana nga bayimiridde ku nsonda nnya ez'ensi, nga bakutte empewo nnya ez'ensi, empewo yonna ereme okukunta ku nsi, newakubadde ku nnyanja, newakubadde ku muti gwonna.*

*Ne ndaba malayika omulala* nga akka *okuva mu* ggulu, *ng'alina akabonero ka Katonda omulamu:. . .*

197 O, ddala, kino kibuuzo ekiyitirivu obulungi. Mukiraba? Kaakati, mulabe ekifaananyi eky'akazannyo; kati Yokaana yagamba, wano. . .nga ali wala nnyo okuva ku nsi mu kaseera kano, nga ali mu Mwoyo, alaba ebigenda mu maaso ku nsi. N'alaba bamalayika bana nga bayimiridde ku nsonda ennya ez'ensi, nga bakutte empewo ennya ez'ensi.

198 Kati, "empewo," mu Bayibuli. . .Ssirina budde bumala kukibalambululira mu Byawandiikibwa. Naye kino tusobola okukikwatako. Bwe kinaaba tekyanukuddwa bulungi, ndikikwatako omulundi omulala. Ennya. . .*Empewo*, mu Bayibuli, zitegeeza "ntalo na butabanguko." Nga bwe kyali mu kiseera kya Yobu, mujjukira nti, empewo zakka ne—ne zitwala abaana ab'obulenzi. Kati mumanyi kye ntegeeza, ki—ki—kitegeeza mitawaana. Mukiraba?

. . .ne *ndaba bamalayika bana* (*bamalayika bana*, oba “ababaka bana”), baali *bayimiridde ku* nkomerero za . . .manya *ku nsonda ennya ez'ensi, nga bakutte empewo ennya* . . .

. . .*n'ayogerera waggulu n'eddoboozi ddene ng'agamba bamalayika abana, abaaweebwa o— okwonoona ensi n'ennyanja*. (Kaakati, okwo kwe kujja kwa Mukama waffe, kw'ayogerako. Mukiraba?)

*Ng'ayogera nti, Temwonoona nsi, newankubadde ennyanja, newankubadde emiti, okutuusa lwe tulimala okuteeka akabonero abaddu ba Katonda waffe ku byenyi byabwe*. (Abaddu.)

199 Kaakati, mujjukire nti, Ekkanisa si baddu Be. Tuli baana Be, si baddu Be. Abayudaaya be bababaddenga abaddu Be. Ekkanisa tebabangako baddu Be, Bababaddenga baana Be. Mukiraba? Abaddu:

*Ne mpulira omuwendo gwabwe* . . .*abaateekebwako akabonero: baali kasiriivu mu obukumi buna mu enkumi nnya, abaateekebwako akabonero mu buli kika ky'abaana ba Isiraeri*. (Kaakati, mulabeeyo, bonna Bayudaaya.)

200 Kaakati mwekkaanye! “Mu kika kya Yuda omutwalo gumu mu enkumi bbiri be bassibwako akabonero. Mu kika kya Lewubeeni, omutwalo gumu mu enkumi bbiri. Mu kika kya Gaadi, omutwalo gumu mu enkumi bbiri. Aseri, omutwalo gumu mu enkumi bbiri. Ne Nafutaalimu, omutwalo gumu mu enkumi bbiri, ne—n'ebika ebirala bwe bityo. Simyoni, omutwalo gumu mu enkumi bbiri. Ne Aseri, omutwalo gumu mu enkumi bbiri. Ne Zebbulooni, omutwalo gumu mu enkumi bbiri. Ne Benyamini, omutwalo gumu mu enkumi bbiri.” Era ebika ekkumi n'ebibiri ebya Isiraeri, kaakati omutwalo gumu mu enkumi bbiri bw'ogukubisaamu emirundi kkumi n'ebiri . . .ofuna ki? Emitwalo kkumi n'ena mu enkumi nnya. Kaakati, mulabeeyo, ebika byonna eby'abaana ba Isiraeri. Kati mwekkaanye, abo baali “baddu” ba Katonda.

201 Kati kino ob'olyawo nsobola okwongera okukitangaazaamu. Kati mulabeeyo:

*Oluvannyuma lw'ebyo* . . .laba, *era laba,* ne ndaba *ekibiina kinene, omuntu yenna ky'atayinza kubala,* (kaakati, wano waliwo ekibinja ekirala, mukiraba) *mu buli ggwanga,* . . .*ebika,* . . .ennimi, *ne* abantu, ne bayimirira *mu maaso g'entebe, ne mu maaso g'Omwana gw'endiga,* nga balina ebyeru . . .nga balina . . .*Omwana gw'endiga, nga bambadde ebyambalo ebyeru, n'amatabi g'enkindu mu mikono gyabwe;*

*Ne boogerera waggulu n'eddoboozi ddene, nga boogera nti,* . . .(Muwulire olukuŋŋaana lw'Omwoyo

Omutukuvu luno!)...*Obulokozi bube eri Katonda waffe atudde ku ntebe, n'eri Omwana gw'endiga.*

*Ne bamalayika bonna*...abaali *beetooloodde—beetoolodde entebe, n'abakadde n'ebiramu ebina,... ne bavunnama amaaso gaabwe mu maaso g'entebe, ne basinza Katonda,*

*Nga boogera nti, Amiina: Omukisa,...ekitiibwa,... amagezi,...okwebaza,...ettendo,...obuyinza,... amaanyi, bibenga eri Katonda waffe emirembe n'emirembe. Amiina.*

*Omu ku bakadde*...(Kaakati, kaakano mwekkaanye, oyo yali...Yokaana yali mu kwolesebwa)...*omu ku bakadde,* n'aŋŋamba...*n'addamu* ng'aŋŋamba *nti, n'aŋŋamba nti, Bano be baani*...(Kati, Yokaana yali Muyudaaya era bwe yalaba ebika ekkumi n'ebibiri ebya Isiraeri, yabategeera) ...Naye *bano abambadde ebyambalo ebyeru be baani? era bava* luuyi *wa?* Baava wa? Kaakati, Abayudaaya obalabye, era buli omu ku bo omumanyi, obabaze okuva mu bika eby'enjawulo n'otegeera n'obukumi bumeka obw'abo abaateekebwako akabonero. Naye bano be baani abava mu buli kika, buli lulimi, na buli ggwanga? Baava wa?

*Ne mmugamba nti, Mukama wange, ggw'omanyi.* (Yokaana, mu ngeri endala yamuddamu nti, "Simanyi gye bava. Nze ndi Muyudaaya era nnyimiridde wano, ne ndaba abantu bange—bange ne ndaba abo abali wano.")...*N'aŋŋamba nti, Bano be* bavudde *mu kubonaabona kuli okungi,*...(Mukiraba?)... *okubonaabona kuli okungi, ne bayoza ebyambalo byabwe, ne babitukuza mu musaayi* (si mu kubeera bammemba ba kkanisa), wabula mu *musaayi gw'Omwana gw'endiga.* (Mukiraba?)

*Kyebavudde* baba *mu maaso g'entebe ya Katonda, ne bamuweerezanga emisana n'ekiro mu* yeekaalu:...

202 Kati, Muky. Branham ampeerereza wa? Mu nnyumba. Oyo ye Mugole. Muky. Neville, eyo gy'abeera, mu nnyumba, ng'akuweereza. Eyo Omugole gy'ali, bo si baddu, wabula Mugole.

...*baamuweerezanga*...*mu yeekaalu: era* ba... *atudde* ku *ntebe alituula* wamu *nabo.*

Era *tebalirumwa njala nate,*...(Kirabikanga, abeerekereza okulya emirundi emitonotono (si bwe kiri?) bwe baali wano) ...*tebalirumwa njala nate,* yadde kulumwa *nnyonta*...*so omusana tegulibookya, newakubadde okwokya kwonna.*

> *Kubanga Omwana gw'endiga ali wakati mu* bo alibakulemberanga era *alibaliisanga, era alibaleeta* eri—eri *ennamu*. . .(mulindeeko katono). . .*enzizi ennamu* ez'amazzi: *era Katonda alisangula*. . .*buli zziga* (abo kye kibinja ekyakaaba ekyayingirayo) *mu maaso gaabwe*. (Mukiraba?)

203 Kaakati, mwetegereze, baalumwa enjala n'ennyonta, ne bakaaba, ne basinda ne beegayirira, baava mu kubonaabona (baagambanga nti, "Laba ekibinja ky'abatukuvu abeevulunga abo, ha, batabufu ba mitwe!"). Ha, bannange! Weewaawo. Mukiraba? Naye baakaaba ne beegayirira, baali tebakyavuma na kuyomba. Naye baali mu kukaaba bukaabi na kwegayirira. Era, mukiraba, baali bava mu buli kika, na buli lulimi, na buli ggwanga.

204 Kati, emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya, abo baali Bayudaaya. Ibulayimu yali muddu wa Katonda. Abayudaaya bulijjo babaddenga baddu ba Katonda. Ab'amawanga tebabeerangako baddu Be.

205 Kati, ekibuuzo kino kigenda kunneetagisa okwanguwa okukimaliriza, kubanga nkyalinayo ebirala nga bibiri oba bisatu. Kale ŋŋenda kwanguwa nnyo ddala nga bwe nsobola, bino nneme kubimalako budde bungi kisusse. Naye nja kukomawo amangu ddala nziremu mbikwateko ku Ssande ejja (Mukama bw'aliba ayagadde) mbiwe obudde obusingako.

206 Naye, kati mulabeeyo, yalaba ensonda zonna ennya ez'ensi, ne bamalayika nga bayimiridde ku nsonda ennya ez'ensi. Kati, oyinza okugamba nti, "Mbadde ndowooza nti nneekulungirivu"; ekyo tekigigaana kuba na nsonda nnya, okiraba. Kale.

207 Kati, "Ku nsonda ennya ez'ensi, nga bakutte empewo ennya." Amakulu nti, empewo zino zikunta, ne zireeta entalo n'okulwanagana ebijja ku nsi yonna. Ekyo kyaliwo ddi? Kyali tekibangawo okutuusa ku Ssematalo Eyasooka. "Nga bakutte empewo," era baali bafuba, nga bagenda okuwamba.

208 Naye kati, wano ne wajja Omulala. Kati, bwe weetegereza obulungi Malayika oyo, ye Malayika y'omu eyajja mu Ezekyeri 9, abasajja bwe baava emabega w'emiryango gyabwe nga balina eby'okulwanyisa eby'okutta ne bayita mu Yerusaalemi okutta Abayudaaya. Mukijjukira? N'abagamba nti, "Mulindeeko! Mulindeeko! Mulekere awo, okutuusa lw'onooyita mu kibuga n'oteeka akabonero ku buli kyenyi ky'oyo akaaba era asinda olw'eby'emizizo ebikolebwa mu kibuga." Si bwe kiri?

209 Oluvannyuma, ekyo bwe Yamala okukikola, n'Abaleka bayingire batte. Okwo kwe kuyigganyizibwa okwaliwo Tito kwe yakulemberamu. Kati, mukiraba, ye Malayika y'omu, y'ajja nate era, ng'ava mu Buvanjuba (era ne Yesu gy'aliva) era Yalina Akabonero ka Katonda Omulamu. Ekitiibwa!

210 Kaakati, Akabonero ka Katonda Omulamu kye kiki? O, ekyo nga kikubibwako nnyo empaka mu nsi olwa leero! Abamu bagamba mbu kukuuma lunaku lwa ssabbiiti, ate abalala bagamba mbu kwe kukola *kino* na *kiri*. Naye Bayibuli egamba nti "Omwoyo Omutukuvu ke Kabonero ka Katonda"! Abaefeso 4:30 wagamba nti, "Temunakuwazanga Omwoyo Omutukuvu wa Katonda eyabateesaako akabonero okutuusa ku lunaku olw'okununulibwa kwammwe." Mukiraba? Kale. Akabonero ako ye Mwoyo Omutukuvu.

211 Kaakati kiki ekyaddirira? Kati, mulabeeyo! Ha, kino bwe nkirowoozaako, omutima guntyemuka. Kati Yagamba nti, "Mukwate empewo ennya okutuusa" (amakulu mu kyo) "lwe tunaateeka akabonero ku baddu ba Katonda waffe mu byenyi byabwe." *Abaddu*, "Abayudaaya." (Yokaana yakyuka, agamba nti, "Ne ndaba emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya abaateekebwako akabonero.") Kati, empewo zonna zaatanula okukunta, era zaali za kubuna ensi yonna era olutalo lwa Kalumagedoni lwali lwa kubaawo mu Ssematalo Eyasooka, naye . . .

212 Kati nnina okubaako Ekyawandiikibwa ekirala wano kye nfuna okubalaga. Yesu alina abantu be yayogerako n'agamba nti . . . Yagamba nti, "Abamu bajja ku ssaawa emu, abalala ku ssaawa endala, ne wabaawo n'abantu ab'essaawa ey'ekkumi n'emu. Abantu ab'essaawa ey'ekkumi n'emu." Kati, mmwe ab'omwoyo musomemu mutegeere kye ntegeeza, kubanga nnina okubaako bye mbuuka nsobole okwanguwa. Kaakati, mulabeeyo. "Wajja, abantu ab'essaawa ey'ekkumi n'emu." Era mu kiseera kino . . . "Abaasooka bajja ne bafuna eddinaali emu, n'abaddako ne bajja ne bafuna eddinaali emu, n'abantu ab'essaawa ey'ekkumi n'emu ne bafuna eddinaali emu nga abaasooka gye baafuna." Si bwe kiri? Essaawa ey'ekkumi n'emu!

213 Kaakati, mwekkaanye, Omuyudaaya ye kikondo kya mayiro kwe tubalira, kati gwe tulondoola. Kati, Ssematalo Eyasooka bwe yajja, yatwala buli Muyudaaya, ne basaasaanira mu mawanga gonna. Nga Ekyawandiikibwa ekyasoose leero bwe kyabadde kibuuza, nga bwe Yali ow'okubasaasaanya mu mawanga gonna, eyo bonna gye bali. Era wajja empewo ne zikunta ne ziyingira mu Yerusaalemi, na buli wamu, ne wabaawo olutalo lw'ensi yonna.

214 Kye yava Abagamba nti, "Mulindeeko! Mulekere awo, okutuusa lwe tunaateeka akabonero ku baddu ba Katonda waffe." Amakulu nti, "Tubakuŋŋaanya okuva mu mawanga gonna, buli wamu wonna, nga tubayingiza munda kubanga tulina okubayingiza wano wennyini okusobola okuteeka akabonero ku abo emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya. Mulindeeko!"

215 Era Ssematalo Eyasooka yakomekkerezebwa mu mwezi

ogw'ekkumi n'ogumu ogw'omwaka, ku lunaku olw'ekkumi n'olumu mu mwezi, ku ssaawa ey'ekkumi n'emu mu lunaku, abantu ab'essaawa ey'ekkumi n'emu basobole okuyingirawo. Okukoowoola okusembayo eri Omuyudaaya! Era agenda kufuna okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu kwe kumu kwe baafuna mu kiseera kiri ku Pentekoote, abatizibwe mu ngeri y'emu, na buli kimu, abantu ab'essaawa ey'ekkumi n'emu bayingizibwe munda.

216 Yabagamba nti, "Kaakati, musooke mulindeko, okutuusa lwe tunaateeka akabonero."

"Ogenda kuzikwata kumala bbanga ki?"

217 "Okutuusa lwe tunaateeka akabonero ku baddu ba Katonda waffe. Kati, Ab'amawanga tu—tubateekako akabonero, era bazze bateekebwako akabonero, mu nkumi n'enkumi okuyita mu kuyigganyizibwa kuno n'okubonaabona ebizze bibaawo, bateekeddwaako akabonero. Naye musooke mulindeko! Mukwatirireemu katono! Temukkiriza kuyig-. . . Temukkiriza ekiseera ekyo okutuuka okutuusa nga tumaze okuteeka akabonero ku baddu bano." Era n'ateeka akabonero ku bantu emitwalo kkumi n'ena mu enkumi ennya.

218 Awo empewo ne ziddamu ne zisumululwa. Kaakati, mwetegereze, era kasookedde Ssematalo Eyasooka abaawo wabaddengawo okuyigganyizibwa ku Muyudaaya obutaweera. Waagolokoka Hitler mu Ssematalo Ow'okubiri, era bwe yagolokoka, n'atandika oku. . . Yakola ki? Ensi yonna yali agenda kugitaagulataagula. Si bwe kiri? Yali agenda kugitaagulataagula, yonna yonna. Weewaawo, yali agenda kukikola.

219 Buli kimu kyali kirina kuba Bwannaakaly'ak'ani. Mujjukira lwe baali bagenda okunkasuka mu kkomera emmanga wano? Nnali mbuulira ku kintu kye kimu kino emmanga wano mu Kizimbe kya Redman ku olwo ekiro. Yee, ssebo. Nnagamba nti, "Wagenda kubaawo enkola z'eby'obufuzi ssatu. Era zonna zijja kuwunzikira mu nkola y'eby'obufuzi emu, era enkola y'eby'obufuzi eyo ejja kuleeta okuyigganyizibwa okunakomyawo Yesu Kristo ku nsi." Era ekyo ddala bwe kiri. Era enkola ezo bwe Bwannaakalyak'ani, ne—ne Hitler ne—n'Obwannazi, n'enkola endala; ne bwe waali wagenda okubaawo Obwannazi bwa Mussolini, ne Hitler, ne Stalin. Nnagamba nti, "Enkola emu ku nkola ezo y'ejja okumaamira wonna. Simanyi oba eribeera eriwa, naye nzikiriza nti aliba kabaka wa Bukiikakkono." Mazima ebintu ebyo mubijjukira n'engeri gye bizze biyigirizibwamu wano; n'Ow'oluganda Mahoney, nammwe mwenna abatudde awo, mubimanyi.

220 Era baŋŋamba nti, "Ebyo bw'onoobibuulira. . . "

221 Ne ku nsonga eno eya N.R.A., nnagamba nti, "Ako si ke kabonero k'ensolo, nedda nedda. Akabonero k'ensolo

kuboolebwa kwa ddiini; si ekyo." Ne ŋŋamba nti, "Ekyo kikulembeddemu bukulembezi kutegeka bantu, era bwe tukitegeera nti entandikwa eno, wano wennyini y'entandikwa y'okubonaabona, wano wennyini we tutandikira. Wano wennyini e—ekiseera we kitandikira okuggwaayo. Kaakati, mwetegereze, ekiseera ekyo."

222 Kati, okuyigganyizibwa kwajja ku Bayudaaya, ne batandika okubayigganya mu buli ggwanga nga bwe babasindiikiriza baddeyo mu Yerusaalemi. Si bwe kiri? Buli omu ku bo, bagenda butereevu. . . Era Ajja kubeera n'emitwalo kkumi n'ena mu enkumi nnya. Mweyongere mulabe wano eno mu Kubikkulirwa Yokaana we. . .

223 Mw. Bohanon erudda wano yaŋŋamba, nti, "Ekitabo ekyo eky'Okubikkulirwa nnali sikyakisoma." N'agamba nti, "Waliwo Omugole ayimiridde ku Lusozi Sinaayi." N'agamba nti, "Ne wabaawo Omugole ali waggulu eri mu Ggulu." N'agamba nti, "Ne wabaawo Omugole, n'amazzi. . . n'ogusota ogufuuwa amazzi okuva mu kamwa kaagwo okulwana n'Omugole." N'agamba. . .

224 Ne mmugamba nti, "Mw. Bohanon, ensonga eri nti, wafuna kintu kikyamu, n'okiyita 'Omugole.'" Ne mmugamba nti, "Abayudaaya baliyimirira ku Lusozi Sinaayi, nga bali emitwalo kkumi n'ena mu enkumi nnya. Omugole, oyo kituufu, yali mu Ggulu ne Yesu. Ate ogusota ogufuuwa amazzi okuva mu kamwa kaagwo gulirwana n'abo *abaasigalawo* ku Zzadde ly'omukazi." Ekyo kye kibinja *kino* wano abaalina okuttibwa, so si *kiri*. Okiraba? Abo be *baasigalawo* ku Zzadde ly'omukazi, "ekkanisa eyatukuzibwa," abataafuna Mwoyo Mutukuvu, abo be gwalwana nabo. Mukiraba?

225 Baabano wano, bali ebika bisatu. Bulijjo jjukiranga omuwendo ogwo ogw'essatu. Era *wano* yalaba, abaali beetoolodde, yalaba bano emitwalo gino ekkumi n'ena mu enkumi ennya abaali beetoolodde Omugole oyo ow'ekitiibwa eyanunulibwa. Beebo abaali baasigalawo, beebo awo, be Bayudaaya, awo, be bateekebwako akabonero, gy'emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya. Ate wano beebo abaatukuzibwa, abaagaana okufuna Omwoyo Omutukuvu. Ekkanisa ejja kuyigganyizibwa. . . e—ekereziya y'e Rooma era balibayigganya. Naye Omugole aliba amaze okukwakkulibwa nga ali mu Ggulu. Baabo, balambikibwa bulungi ddala nga Bayibuli bw'egamba nti bwe baliba. Mukiraba?

226 N'olwekyo emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya Bayudaaya, baddu ba Katonda. Era Enjiri ey'Omwoyo Omutukuvu bw'ebuulirwa gye bali, ne bafuna okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu mu ngeri y'emu nga bwe baamufuna mu ntandikwa, ekiseera ky'Ab'amawanga kibeera kiweddeko, nga Ekkanisa essiddwako akabonero, Okukwakkulibwa kujje.

227 Mu nnaku z'Ab'amawanga, Enjiri ebadde ebuulirwa buli wamu wonna, ng'ebuulirwa n'amaanyi mu B'amawanga, nga esikayo akatimba, nga egezaako okuyingiza buli kyennyanja ekiri mu mazzi. Era mubatunuulire, ebisinga obunene. . .?. . . Akatimba bwe kasikibwayo mujjiramu enfudu ne nnabbubi w'oku mazzi, na buli kimu. Era okudda obuggya oluba okuggwa nga beddirayo mu nsi gye babadde. Ebyennyanja kyenkana byonna bikwatiddwa ne biggwaayo. Mulaba kye ntegeeza?

228 Enjiri ebuuliddwa! Tokyawulira kukaaba, tewakyali kukuba biwoobe, tewakyali kusinda, ku lwa kubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu. Baagala bajje, weewaawo, waliwo ebikumi n'ebikumi be bateekako emikono, ne bacamuka ne bazina amazina, ob'olyawo, oba ekintu bwe kityo. Ebyo tebiriimu kabi, naye ebyo bibala ebiddirira kye kyokka.

229 Omuntu yennyini Kristo Yesu aleeta ekintu ekyannamaddala, n'akuumira omuntu oyo ng'anywedde mu Kristo okutuusa lw'Alijja. Ekyo ky'Akola. Naye kati, era y'ensonga lwaki tewakyaliwo kukaaba, enzigi zinaatera okuggalwawo. Akatimba kakasukiddwa, kyenkana omulundi gwako ogusembayo, okusikayo abatono ennyo ddala okuyingira mu Bwakabaka bwa Katonda. Enzigi ziggalwaawo!

230 Kati kiki ekiddako? Abayudaaya balina okufuna Omwoyo Omutukuvu era babatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo. Ebbanga lyonna bazze bayigganya n'okujolonga; naye, awo, Omwoyo Omutukuvu olunaaba okubanjulirwa ati, bajja kufuna okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Ekkanisa y'Ab'amawanga ejja kuba etwaliddwa mu kukwakkulibwa. Era abo abaamugaana, ne batambulira wansi w'okuggyibwako omusango kwokka, ogusota (amaanyi g'Abaruumi) oguwandula amazzi, gujja kwegatta wamu n'Obwannaakalyak'ani, bitwale ekkanisa mu kuyigganyizibwa nga okwo. Biibyo nga biragibwa mu bulambulukufu nga bwe biriba.

231 O ow'oluganda, bwe tukiraba nga kijja, eyo y'ensonga lwaki nsaba, eyo y'ensonga lwaki nkaabirira Katonda nga mmugamba nti, "Ayi Mukama, njagala kugenda eri Abayudaaya abo. Ka ntandikire emmanga eri mu Afirika, nkole wamu n'abamu ku B'amawanga abo n'Abasiraamu. Era leka ŋŋende erudda eri mu Buyindi nfube okwolesa n'okubalaga Mukama waffe Yesu Kristo yennyini n'amaanyi Ge, ebyamagero Bye, n'Okubatiza Kwe, na buli kimu, n'Omwoyo Omutukuvu." Kibeere nti bwe balituuka mu Yerusaalemi. . .

232 Ow'oluganda Beeler, kino kye wali obuuza. Bwe balituuka mu Yerusaalemi ne bayimirira awo, ne bagamba nti, "Kati, Yesu bw'aba nga ye Mwana wa Katonda eyazuukira okuva mu bafu, Amanyi ebintu mu ngeri y'emu nga bwe Yali abimanyi luli mu ntandikwa, Asobola okwolesa Obulamu bwe bumu bwe Yayolesa mu kiseera kiri. Era bw'Anaakikola, munaamusembeza

nga Omulokozi wammwe?" Olwo balage nti Katonda okuyita mu maanyi Ge ag'ekitalo n'ebintu ebyoleka amaanyi ag'okuzuukira Kwe, Ali wamu naffe.

233 Era ekyo bwe bakikola, babuuze nti, "Kaakati, mmwe abamusembezza nga Omulokozi wammwe . . . " Nsuubira baliba mu nkumi na nkumi. Babagambe nti, "Omwoyo Omutukuvu y'omu eyakka ku Lunaku lwa Pentekoote ali wano wennyini ku lwammwe."

234 Awo Enjiri eddeyo mu Bayudaaya awo wennyini mu kiseera ekyo. Awo wabeerewo okudda obuggya mu Bayudaaya abo mu kaseera ako kennyini okunaabaamu enkumi n'enkumi ne . . . emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya, bateekebweko akabonero Malayika assaako akabonero, basibibwe mu Bwakabaka bwa Katonda.

235 Nzikiriza nti Aliva mu Buvanjuba. Bw'atyo bw'Ali gye tuli mu kaseera kano, ng'alina akabonero Ke mu ngalo Ze. Era, ha, nga njagala nnyo okukuŋŋaanyizibwa munda eyo. "Nsindise okuyigganyizibwa wano n'okuyigganyizibwa wali, era ngobagannyizza Abayudaaya ne mbabuzaako aw'okutebenkera nga bwe Nsobola. Naye kati bakomyewo. Waliwo Abayudaaya bangi mu Amerika (kye batajja kwebeera) baamala dda okufuna Omwoyo Omutukuvu. Naye Nninayo emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya abayimiridde erudda eri abagenda okufuna okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu."

236 Era awo wennyini, Malayika oyo assaako akabonero olunaatandika ati okuteeka akabonero ku abo emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya, oluggi lw'Ekkanisa y'Ab'amawanga lujja kuggalwawo, era Abayudaaya batwale Omwoyo Omutukuvu eri Abayudaaya. Era balibeera n'okudda obuggya okulibuna ensi yonna. Aleruuya! Era amaanyi ga Katonda galirabisibwa mu Bayudaaya. O, nga kirungi nnyo! Wuuu! O, bannange!

237 Leka ndabe, mangu nnyo, "Isaaya." Ekyo twakikutteko ekya "abaana ba Katonda." Kati leka tulabe:

**Isiraeri ye . . . ?**

238 Labayo oba nga ekyo osobola okukisoma, ow'oluganda. Si . . . Kyanaabuuse, yagenze akikuutizakuutiza. Nga bwe nnoonyaayo ekirala. Bw'oba osobola, bambi. [Ow'oluganda Neville asoma ekibuuzo—Omuk.]

**14.** [**Amakulu agali mu kitabo kya Isaaya aga "okuweesa ebitala okufuuka enkumbi" si ga kutuukirira mu kufuga kwa Kristo okw'emyaka olukumi, mu kifo ky'okubeera ekintu omuntu ky'asobola okuleeta, nga abakulembeze b'eddiini bangi ab'omulembe guno bwe batugamba?**]

239 Ggwe wenna, muganda wange omwagalwa oba mwannyinaze, empandiika erabika nga ey'omusajja, naye, kale,

ggwe wenna eyabuuzizza, oli mutuufu ddala! Ekyo ky'ekiseera enkumbi lwe ziriweesebwa, manyanga, ebitala lwe birifuulibwa enkumbi. Ekyo kye kirireeta Okufuga okw'emyaka Olukumi. Era obubondo bw'enzikiriza obw'omulembe buno bwonna obugenda bugezaako okuyigiriza abantu okubayingiza mu Bwakabaka bwa Katonda . . . Ekyo ky'ekiseera Katonda Mwene w'alijjira mu Nkula esukkulumye obw'obuntu ne mu Maanyi agasukkulumye ag'obuntu, eri abantu abakkiriza ebisukkulumye obw'obuntu, era bafune Amaanyi agasukkulumye ag'obuntu aganaababumba okubeera abaana ba Katonda. Aleruuya! Tewaliddamu kubaawo kusoma, yadde okuwandiika, yadde okubala, birikolebwa ku bwa maanyi ga Yesu Kristo ag'okuzuukira. Mu kiseera ekyo ensi teriddamu kwenyigira mu ntalo.

240 Buli ggwanga olwa leero, buli maanyi, buli bwakabaka, byonna bifugibwa ssetaani. Bayibuli bw'etyo bw'egamba. Era lumu ku nnaku zino obwakabaka bw'ensi eno bulifuuka obwakabaka bwa Mukama waffe era obwa Kristo We, era Alifuga era afuge okumala emyaka lukumi ku nsi; era akwakkule Ekkanisa. Ddala bwe kiri, bwe kityo bwe kiri, omusomi omwagalwa.

241 Emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya be baddu. Enkuyanja y'abantu omuntu yenna be yali tasobola . . . "Ekibiina ekinene omuntu yenna ky'atayinza kubala," be B'amawanga.

242 Mulindeemu katono, waliwo akantu akalala wano ku nsonga eyo. Sisobola. Bwe nkamala ŋŋenda kusaba busabi ssaala ya wamu, mu ddakiika ntono. Mulabeeyo wano, kati ndowooza nti Kino kye kisinga obukulu. Njagala okusabira abalwadde, naye tugenda kwanguwako. Mu kifo ky'okuba n'okukebera ebyama ebikusike, tujja kuyitamu buyisi. Njagala mbeeko ne kye mbabuuza. Waliwo wano n'ekirala. Kino ŋŋenda kugenda nakyo, ndowooza nja kukikwatako Ssande ejja.

243 Mulabeeyo, ab'emikwano, ku kino, nga kiyitirivu obulungi! Mulabeeyo! Kati njagala mwekkaanye bulungi, n'obwegendereza, omuntu ono eyabuuzizza ekibuuzo kino. Emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya, kati, abo be baddu, bajja kuweereza. Bwe weetegereza obulungi, okusinziira ku kifo, mu Byawandiikibwa eby'edda . . .

244 Bulijjo tunuuliranga ekisiikirize bw'oba oyagala okulaba kiki ekifaananyi kye kiri. Bwe kiri. Tunula emabega eri, olabe kye kiri. Kaakati, ekyo kye kimu n'ebyabaawo oluvannyuma lw'Omusaalaba, n'era tunuulira ekifaananyi kye kiri bw'oba oyagala okulaba ekisiikirize kye kiri. Emabega eri, byonna byali bisonga ku Musaalaba, twalina okutunula (nga tusinziira emabega eri) tulabe ekisiikirize, okusobola okulaba Omusalaba kye gulibeera; naye kati olina okutunula nga osinziira ku Musaalaba, otunule olabe ekisiikirize kye kiri. Mukiraba? Laba Kristo kye yali mu nnaku ziri bwe Yali wano ku nsi, ekyo kye Yali

mu kiseera kiri ne kaakano ky'Ali. Kino kisiikirize Kye. Mulaba kye ntegeeza? Mumanyi, ku ntandikwa bwe nnakinnyonnyodde, bwe kityo bwe kiri. Kaakati, bwe mba wa kutunula mabega eri, nnina okulaba ekisiikirize kye kyali okusobola okuzuula kino kye kinaabeera, Omusalaba kye gwali.

245 Kaakati, lumu waaliwo ekibi mu Isiraeri, era waaliwo omusajja. . .mu kika ekiyitibwa ekya Levi. Baasikayo ebitala byabwe ne bagenda ne Musa mu lusiisira, ne bazikiriza buli kimu ekyali ekibi. Si bwe kiri? Katonda n'atunula wansi n'agamba nti, "Kubanga mukoze kino ne muyimirira ku Lwange, ab'o. . . bano abalala bonna banaabaweerezanga. Era munaayingiranga mu yeekaalu nga bakabona." Si bwe kiri? "Mmwe musigale eyo mu yeekaalu, bano abalala abasigadde banaakolanga ne baleeta ekimu eky'ekkumi ne babalabirira." Si bwe kiri?

246 O, aleruuya! Ssinga musobola okulaba yeekaalu eyo kye yali, nti Abaleevi abo be baali Omugole. Mu kaseera kano, nga ekibi kigolokose ku buli ludda, Abaleevi basiseeyo ebitala byabwe. Omugole eyazaalibwa Omwoyo Omutukuvu yeesowoddeyo, era agamba nti, "Yesu Kristo eyaliwo mu buliwo ye Yesu Kristo y'omu, mu kisiikirize. Ekibi kikyali kibi, kikyamu okukola ebintu bino!" Bwe kiri, beesowoddeyo n'Ekitala.

247 Katonda agamba nti, "Mujje mmwe kaakano, Kitange be yawa omukisa." Oyo ye Mugole.

248 Bali be baddu, era mulabe abaddu gye baali basiisidde. Ekkumi n'ababiri baali ku ludda luno. . .Manya, abana baali ku ludda *luno*, abana ku ludda *luli*, abana ku ludda *luli*, n'abana ku ludda *luli*; ebika kkumi na bibiri. Ebika ekkumi n'ebibiri gy'emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya. Mulabeeyo mu Kitabo ky'Okubikkulirwa, yalaba Ekibuga nga kiriko emisingi kkumi n'ebiri. Ku buli mulyango kwaliko erinnya ly'omutume, era gyali emiryango kkumi n'ebiri. Era kyali kyetooloddwa ebika ekkumi n'ebibiri, (aleruuya!), nga batudde bakyetoolodde.

249 Era munda omwo mwe mwali Abanunule. Aleruuya! Abaddugavu, abazungu, aba kyenvu, aba kitaka, n'abo bonna abaanaazibwa Omusaayi balibeera baddu Be, Yagamba balibeera wamu Naye. Bali. . .Omusana teguliddamu kubookya, tebaliddamu kulumwa njala wadde ennyonta, era okuyita mu Mulembe omukulu ogutakoma balibeera balamu era bafugire wamu ne Kristo emirembe gyonna: nga Ye, Kabaka; bo, nga ye Nnabakyala. Bafuge era bafuge emirembe gyonna!

250 Mukama abawe omukisa. Amiina. Bino ka mbitereke; Katonda nga ayagadde, nja kukomawo nabyo, ob'olyawo akawungeezi ka leero, mbyanukule akawungeezi oba wonna Ow'oluganda. . .tujja kukwatagana twogere. Mukama abawe omukisa. Mwenna mumwagala n'omutima gwammwe gwonna?

O, njagala okumulaba, njagala mmutunuleko
mu maaso Ge,

Mbeerenga eyo emirembe gyonna olw'ekisa
  Kye ekirokola;
Ku nguudo ez'Ekitiibwa leka nnyimuse
  eddoboozi lyange;
Emitawaana gyonna bwe giriba giwedde, nga
  ntuuse eka, ndisanyuka emirembe gyonna.
  (Ha, bannange!)

Nga bwe ntambula nga mpita mu nsi eno,
  ŋŋenda nnyimba,
Nga bwe nsongera emmeeme e Kalivaaliyo, eri
  omusaayi ogukulukuta, (Si—sizisongera eri
  kkanisa; nzisongera Kalivaaliyo.)

251 Eyo gye tusonga; si eri njigiriza ya ddiini, wabula eri omusaayi ogukulukuta, eri Yesu Kristo. "Obulamu buli mu musaayi," era Ye Musaayi gwa Katonda nga bwe Bulamu bwaffe obuli mu ffe kaakano. Kiweebwe omukisa Ekisiba ekyo ekisiba!

252 Nga bwe tugenda okusabira abalwadde, njagala e—eky'enjawulo mu kaseera kano. Njagala mwannyinaffe Gertie ne muwala we, bwe baba basobola, bajje wano. Kati luno luyimba olukadde olw'edda, njagala mulunnyimbire, *Kkiriza Bukkiriza*. Nzijukira, nnali nnyingira mu mulyango ogwo, era oluyimba luno lungoberedde buli wamu wonna mu mawanga ag'enjawulo. Kale nja—njagala baluyimbe, ye yasooka okuluzannya, omulundi gwe nnasooka okuluwulira. Waliwo mukwano gwange eyaluwandiika, Paul Rader. Kale, nga tetunnasabira balwadde, njagala baluyimbe ng'emikisa gya Katonda bwe gikka ku bantu ku lw'abalwadde.

253 Tututte obudde bungi. Tusaasire, Ow'oluganda Neville. Katonda akuwe omukisa. Mwagala nnyo ebibuuzo? Ddala mbyagala. Ha, ate bino bibadde birungi nnyo ddala, bibadde birungi okukamala. Ate waliwo n'ebirala. Ate, eky'amazima, ebimu ku byo tetubigenze na mu buziba, ha, waliwo bingi nnyo bye tuyinza okwogerako bwe tuba baakubigenda mu buziba. Mukama abawe omukisa.

254 Kaakano mwenna ebirowoozo byammwe mubiteeke ku Kristo kati, era leka tukyuke okuva mu bibuuzo tudde ku kuwonyezebwa okw'Obwakatonda. Bameka abali wano abeetaaga okusabirwa? Leka tulabe emikono gyammwe, abaagala okusabirwa. Kale, tugenda kubaaniriza mu maaso tubasabire mu kaseera katono, amangu ddala nga bannyinaffe bamalirizza okuyimba oluyimba luno olulungi. Nga bwe beetegeka, waggulu wammwe mu kaseera kano kennyini muliko Ekisuubizo, eno ye Baibuli Ye.

[Mwannyinaffe Gertie ne muwala we bayimba oluyimba *Kkiriza Bukkiriza*—Omuk.]

Kkiriza bukkiriza, kkiriza . . .

255 Kaakati, mmwe abalwadde, mujje mu maaso wano ku wolutaali, bwe muba musobola.

> Byonna biyinzika, kkiriza bukkiriza;
> Kkiriza bukkiriza, kkiriza bukkiriza,
> Byonna biyinzika, kkiriza bukkiriza.

256 Kaakano, Kitaffe ow'omu Ggulu, tusiima nnyo nnyini olunaku lwa leero olw'Ekyawandiikibwa kino n'olw'oluyimba luno, "Kkiriza bukkiriza." Tukuwulira nga ogamba taata eyalina omutabani eyagwanga ensimbu nti, "Kkiriza bukkiriza, kubanga byonna biyinzika."

257 Kaakano, tusaba, ayi Katonda, nga abantu bano bwe bajja ku wolutaali okusabirwa, nga tukiraba nti wano we tuli, tuli kisiikirize, tuli kisiikirize busiikirize; ekyo ekya nnamaddala kitwetoolodde buli wamu wonna, Omwoyo oyo atafa eyali ku ffe talifa. Alibeerawo okuyita mu mirembe egitakoma. Era tugenda kaakano nga abaweereza Bo abaafukibwako amafuta, okuyamba bantu bannaffe okufuna obuyambi, nga tulina ekigendererwa kimu kyokka, ayi Kitaffe, kwe kuba nti bakugulumiza. Era kaakano leka buli ayimiridde ku wolutaali wano enkya ya leero, abalwadde, abalumizibwa, kaakano leka Omwoyo Omutukuvu abawe okuwonyezebwa buli omu ku bo.

258 Naffe ng'ekisibo Kyo ekitono—ekitono, bannyinaffe kye baakamala okuyimbako nti, "Temutya, mmwe ekisibo ekitono," tukimanyi, ayi Mukama, nti kwe kwagala Kwo okulungi okuwa Obwakabaka eri abo. Era tumanyi nti bulijjo Obeera kumpi, kubanga Wagamba nti, "Buli ababiri oba abasatu we banaakuŋŋaaniranga mu Linnya lyange, Nnaaberanga mu makkati gaabwe. Era buli kyonna kye banaasaba, Nnaakibawanga."

259 Kaakano, okusinziira ku Kigambo kya Katonda ekitayinza kulemwa, Ekigambo kya Katonda, tusaba buli omu omuwe okuwonyezebwa, ayi Mukama. Era bayimiridde wano, nga balinze. Nga bwe tugenda okubasiiga amafuta n'okubateekako emikono, n'okubasabira okusumululwa, leka buli omu ku bo addeyo mu ntebe ye, addeyo mu maka ge, ng'akutendereza, nga awonyezeddwa, era nga ali bulungi, ddala. Era akomewo nate akawungeezi ka leero, ayi Mukama, mu lukuŋŋaana, nga awa Katonda ekitiibwa n'ettendo olw'okuwonyezebwa kwe. Kikkirize, ayi Mukama.

Kaakano nga tukotese emitwe gyaffe:

260 Ow'oluganda Neville, jangu onnyambeko, bw'oba osobola. Njagala Ow'oluganda Fleeman, n'Ow'oluganda Deitzman, oba omuntu omulala wano, n'Ow'oluganda Cox, mwenna mujje wano munnyambe ku wolutaali. Abadiikoni ba wano mu kkanisa be mpita mu kaseera kano.

261 Era nga bwe tubasabira, musobola okubayamba bwe muba mwagala. Nja—njagala buli muntu yenna munda wano abeere

mwesimbu. Era nga bwe tusabira abalwadde, njagala musabire wamu naffe.

262 Mu kaseera kano nnengera akalenzi akato akatudde emabega wali, akaafulumye ekizimbe mu kaseera katono akaayise kubanga kavaamu omusaayi. Era Mukama Yesu mu ngeri eyeewuunyisa omusaayi ogwo mu kaseera kano aguyimirizza tegukyakulukuta. Mukiraba? Okusaasira Kwe kutenderezebwe, Erinnya lye liweebwe ekitiibwa. Mulabe bameka abawonyezeddwa mu nnaku ntono ezaakayita!

263 Mukirowoozeeko, Mukama waffe Yesu yennyini eyaliwo edda luli mu nnaku z'abatume ali wano mu kaseera kano. Era kwe kukomekkereza kw'Ab'amawanga. Waliwo omugendo ogw'amaanyi oguyita mu abo abakkiriza ebisukkulumye ebya bulijjo, kubanga tukkiriza nti Katonda ali wano.

264 Ggwe kirowoozeeko, okuba nti omubiri gwo—gwo ogwagulumizibwa guli wano wennyini mu kkuŋŋaaniro mu kaseera kano, Okubeerawo kw'Omwoyo Omutukuvu nga *ye* mbeera yo ey'ekitiibwa. Ogulumiziddwa mu Kristo mu kaseera kano! "Abo be Yawa obutuukirivu, Yabagulumiza." Era omubiri gwo ogugulumiziddwa guyimiridde kumpi naawe mu kaseera kano kennyini, mu Kristo Yesu, okukuwa amaanyi nga amasannyalaze bwe gayingira mu lyanda. Omwoyo Omutukuvu ali mu ggwe. Okuwa omubiri gwo amaanyi amapya, okukuwonya obulwadde obukuluma, obeere bulungi.

265 Kati, njagala ekkanisa, bwe baba basobola, wamu ne bannyinaffe, baddemu bayimbe oluyimba olwo. Kati, buli omu ku mmwe abali wano ku wolutaali . . .

266 Kati, ab'emikwano, bwe mba ndi mulimba, ekyo ku bwange sikimanyi. Ngezaako kubeera Mukristaayo, era n'omutima gwange gwonna ngezaako okuyamba abantu. Era ngezaako kuyamba mmwe, abaana ba Katonda. Era bwemba—bwemba njagala Kitange ow'omu Ggulu, nammwe abaana Be, nja kubaagala. Bwe sikikola . . . Bwe mba mbalimba, kitegeeza ngezezzaako okulimba Katonda, mmwe muli baana Be; naye tewali ayinza kulimba Katonda. Naye ngezaako kubayamba.

267 Eyo y'ensonga lwaki Katonda awa omukisa okufuba kwange. Era ob'olyawo kunafu nnyo, nga n'okumu kunkwasa ensonyi, era Katonda akimanyi nti kunkwasa ensonyi era nneenenya olw'okufuba kwange. Naye nkola kyonna kye nsobola okuyamba Obwakabaka bwa Katonda n'okubayamba mmwe abaana Be. Mwanirize Yesu enkya ya leero ng'Omuwonya wammwe, wano wennyini ku katuuti, mujja kuddayo mu ntebe zammwe ne mu maka gammwe mubeere bulungi nga muwonyezeddwa.

268 Kati, bw'Aba asobola okuwonya ebikumi n'ebikumi by'abantu wano, n'enkumi n'enkumi okwetooloola ensi yonna, lwaki Aba takuwonya? Ggwe kkiriza bukkiriza. Kale,

bannyinaffe. Ow'oluganda Neville, njagala ojje osiige abantu bano amafuta. [Ow'oluganda Branham asabira abalwadde, ebigambo bye tebivaayo bulungi kutegeerekeka—Omuk.] . . .?. . .

54-0103M Ebibuuzo n'Okuddibwamu Kwabyo #1
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2025 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

## Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org